Lwaki Omwoyo Omutukuvu Yaweebwa?

Jeffersonville, Indiana, USA
Desemba 17, 1959

1 Mulabeeyo, Ow'oluganda Neville akkiririza mu kussaako emikono. Ndaba nga Nninawo ebibuuzo ebitonotono. Kaakano, bino nja kubikwatako enkya ekiro, kubanga sirina kadde kamala kubitunulamu leero, mpozzi kinaasoboka ku bubaka obw'ekiro ekisembayo. Kale, omuntu yenna bw'aba n'ekibuuzo ku bubaka bwonna, mu butegeke olw'ekiro ekyo era nsobola n'okubikwatako ekiro ekiddako.

Kale, ekiro ky'enkya, nandyagadde okusanga, oba okubeera manyanga, abaweereza abamu, bwe kiba nga kisoboka; bwe kitabeera kityo, waakiri, abasajja abanywevu abalungi oba n'abakazi be tusobola okuyita mu kiseera ky'obwetaavu, naddala mu kigenda mu maaso…

Enkya ekiro, tutandike, ng'obubaka buwedde, okussaako emikono, era n'olw'Omwoyo Omutukuvu. Kati olwo, wasobole okubaawo… Mulina enkizo okusigalira ddala wano bwe mubeera nga mw'agala, okumalira ddala oluwummula lwonna, bwe kimala ebbanga eryo lyonna nga tekinnafa. Kati olwo- olwo, bwe kitaba kityo, bw'obeera oyaayaana okugenda mu muka go gennyini, lwaki, tujja kuba basanyufu, bw'onootuuka mu kifo kye …. nga tomanyi na wakudda.

Twagala okufunayo abamu ku baweereza, ennamba z'amasimu gaabwe bwe baba nga bagenyi, ennamba z'amasimu gaabwe, ne wa gye babeera, gye tusobola okubasanga ne tukwatagana, nga tufuna omu mu maka agamu, ate omulala mu maka amalala, basobole okubawa ebiragiro, naddala eri mmwe abagenda okunoonya omukisa guno omukulu gwe twogerako, okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu.

2 Ekiro ekyayise twabadde twogera ku, "kiki ky'ali."*Omwoyo Omutukuvu kye ki?* Era ne tusanga ng'Ali buli kintu kyonna, Katonda kye Yatusuubiza. Uh-huh. Mu Ye twazuula ebyo byennyini ekkanisa ya Katonda bye yandibadde yetaaga. Twamuzuula okubeera nga Ye nvumbo, Omubeezi, Ekiwummulo, era essanyu, emirembe, era n'okuzuukira. Na buli kintu kyonna Katonda kye yasuubiza ekkanisa Ye, kisangibwa mu Mwoyo Mutukuvu.

Era kati, ekiro kya leero, twagala okubuulira ku, oba okwogera ku, okusomesa ku…. nninawo wano empapula nga ssatu oba nnya ez'ebiwandiikiddwa, mu mukyo… Ekiro ekyayise nnalese Ekitabo kyange ekiyitibwa Cruden Concordance nga kigaŋŋalamye wano, ate ssaakisanzeewo. Olwo nnabadde nnina okukola kyonna kye nsobola okukwasaganya Ebyawandiikibwa leero.

3 Kati, era enkya… Ekiro kya leero tusomesa ku: *Kyali kigendererwa ki Katonda okutuma Omwoyo Omutukuvu?* Waaki? Bwe kibeera nga kintu eky'ekitalo bwe kityo, kale lwaki Katonda yamuweereza?

Olwo, enkya ekiro, twagala okwogera ku: *Ye wuwo? era omufuna otya? Era omanya otya ng'omufunye?*

Era olwo, bwe tumala okuyita mu ebyo, wamu n'Ebyawandiikibwa, okukinnyonyola n'Ebyawandiikibwa, nga tukozesa Ebyawandiikibwa ku bintu byonna, olwo bonna abanoonya Omwoyo Omutukuvu bajja kujja mu maaso. Nze olwo nsuubira okudda obuggya kugenda mu maaso, okuva awo,n'okweyongerayo, okutambula awamu n'Omwoyo Omutukuvu.

Kaakati, olwokuba nti enkya ekiro abasinga obungi bayinza okubeera mu kusirika mu bisenge mu kkanisa, Ndowooza twandifunye abaweereza bangi n'abantu abo naddala abo abalina obumanyirivu mu kukulembera abantu okufuna Omwoyo Omutukuvu, okubazzaamu amaanyi okugenda mu maka omukyala awamu ne bba oba- oba n'omuntu ali mu kunoonya Omwoyo Omutukuvu, ng'alagiriddwa bulungi eky'okukola.

Bw'oba osobola waayo ennamba y'essimu yo oba endagiriro gy'obeera eri omusumba, ekiro kya leero oba enkya ekiro. Biwe Ow'oluganda Neville, ekyo kijja kutwanguyira okukuŋŋaana. Tuwe buwi ennamba y'essimu yo kwe tusobola okukufunira. Olwo ogambe, "Nja kubeerawo, era bwe tu…. bwe muba mwagala okungaba mu maka." Bw'abeera mukazi yekka, olwo tusobola okutumayo omukazi, mulaba, eri omukazi ono. Era awo, bwe gabeera amaka agalimu omwami ne mukyala we, lwaki, awo tusobole okutumayo omuweereza.

Tujja kubeera basanyufu okuba nammwe nga tukwataganye mu nsonga eno, kubanga mmanyi nti mwenna ensonga eno mugirinamu okwagala olw'okubeera nga nkulu nnyo. Ate era Mujjukire nti "Oyo alokola emmeeme okuva mu bibi byayo, abisse ku bibi bingi." Mulaba? Kyokka n'Omugole wa Kristo alina enjala n'ennyonta. Ali mu kulumwa, okuzaala abaana ba Katonda.

4 Ekiro kya leero nga tetunnaba kusoma byawandiikibwa, leka tukotekeko ku mitwe gyaffe olw'okusaba. Era nga tetunnasaba, ng'emitwe mugikose, oyinza okubeera n'ekyokusabira? Wanika buwanisi emikono gyo ogambe nti, "Ai Katonda, mpanikidde ddala emikono gyange. Nnina ekyetaago. Nsaba Onnyambe, Ai Mukama." Katonda abawe omukisa buli omu ku mmwe. Emikono gyammwe Agiraba. Ne bamalayika bawandiise eby'etaago by'abwe.

5 Era, Kitaffe ow'omu Ggulu, kaakati tujja, nga tukusemberera mu kusaba nate. Nga tumanyi awatali

kubuusabuusa essaala emaze okuweebwayo abaana ba Katonda ekiro kya leero, mu kafo kano akatono nga n'ennyimba ziyimbiddwa, ne tulyoka tusitula emitima gyaffe mu ssannyu olw'amatendo eri Katonda.

Dawudi yagamba nti yali asobola okujja mu kibiina ky'abatukuvu, n'awaayo okusaba kwe. Era ekiro kino, wabaddewo emikono mingi. Oba oli awo, nga bwe nnyinza okugamba nti kinaana ku kikumi abatudde wano bawanise emikono gyabwe olw'ebyetaago. Ekyo Mukama kiraga nti Tetusobola nga Gwe toliiwo. Tulina okubeera naawe, lunaku ku lunnaalwo. Ggwe bulamu bwaffe, essanyu lyaffe, obulamu bwaffe obw'omubiri, amaanyi gaffe agatubeezaawo, okubeera kwaffe wano, kyuma kyaffe,ngabo yaffe, etuziyiza eri omulabe waffe.

6 Era Tetusobola na kulwana lutalo luno olw'obulamu nga tetuli Naawe. Tekisobokera ddala ffe okukikola, era twesigamidde ddala ku Ggwe. Kuba, tumanyi nga tutambulira mu nsi ey'ekizikiza ekikutte ate ey'ennaku. Nga buli ludda omulabe atutaayizza, ng'ataddeyo emitego n'obukunizo. Amakubo gaffe, Mukama gajjudde emitego gy'omulabe, okutulemesa.

Era naffe, tumanyidde ddala nti ku nkomerero y'olugendo, tulinayo ekiwonvu ky'ekisiikirize ekiyitibwa okufa kye tulina okuyitamu. Ai Mukama olwo, ani ayinza okutukwata ku mukono? Mukama, twagala okumanya Ggwe kaakano. Twagala tumanye nti Gwe alina emikono gyaffe ate nga naffe tulina omukono Gwo, olwo tusobole okubeera n'obukakafu obwesigamikako nti bwe tulituuka mu kaseera akasembayo akakulu mu bulamu, akayingira mu mulyango ogwo oguyitibwa kufa, tulisobola okwogeraganya n'abatukuvu ab'edda nti "Mu manyi mu maanyi ag'okuzuukira Kwe era mmanyi nti bw'Aliyita, nja kuvaayo mu bafu."

Kati, Kitaffe Katonda, tusabe owe omukisa ebyetaago byaffe n'okukuŋŋaana kwaffe awamu. Wa omukisa Ebigambo Byo. Era singa nnaayogera ekintu kyonna ekikontana n'Ekigambo Kyo oba okwagala Kwo, era Ggwe olina obuyinza okuggala akamwa, nga bwe wakola mu bunnya bw'empologoma nga Danyeri mwali. Era tusaba, Mukama oggule amatu n'emitima byaffe ekiro kino, nti, era otonde mu bo enjala n'ennyonta. Leka ennyonta ebalume nnyo okutuusa nga tebasobola na kwebaka oba okuwummula, awantu wonna, okutuusa ng'Omubeezi Azze.

7 Tukkiriza nti tuli mu nnaku ezisembayo, mu kisiikirize ky'okujja Kwe. Era Mukama, n'obubaka buno kye bugendereddwamu, Mukama. Bwa bantu okukiteekako omutima, nga batwala okulabula. Leka, ekiro kya leero, tweggyemu ensonyi, kaakano ddala, tuziteeke ku mabbali g'entebe, olwo tugambe nti, "Mukama Katonda, nze ndi kibya gy'oli. Leka Omwoyo Wo Omutukuvu atambule munda yange. Ammumbe era ankole ng'okwagala Kwo bwe kuli. Olwo nja kuwaayo omutima gwange, amaanyi gange, ebyange byonna, olw'ekigendererwa Kyo."

Tuwulire, Mukama. Tetuli wano kulabibwa, mu kiro kino eky'enkuba nga ettonnya. Tetuli wano olw'okuba tetulina kifo kirala waakugenda. Naye tuli wano lwa kigendererwa kimu kyokka, ekitukuvu, ekigendererwa ekitukuvu mu mitima gyaffe, nga kwe, okukusemberera nga tumanyi nga Wasuubiza nti bwe tunaakusembereranga, Naawe onootusembereranga. Eyo y'ensonga lwaki tuli wano. Eyayingidde nga muyala tajja kufuluma nga muyala. "Balina omukisa abalumwa enjala n'ennyonta ku lw'obutuukiirivu," Yesu bwe yayogera, nti "balikkusibwa" nga bwe tusaba omugaati, tetujja kufunamu jjinja. Obukakafu obwo tubulina. Ne bwe tusaba eky'ennyanja, tetujja kufunamu musota. Naye Katonda Kitaffe agenda kutuliisa n'emmaanu ey'omu Ggulu, Ekigambo Kye era Omwoyo We atutegeeza ebibye. Mukama yanukula okusaba kwaffe n'ebyetaago byaffe nga bwe tukyakulindirira. Mu linnya lya Yesu Kristo tusabye. Amiina.

8 Kaakati, mmwe abawandiika Ebyawandiikibwa bino. Bwe muba musobola, mugende nange nate mu Yokaana Omutukuvu essuula eye 14. Twagala kutandikira ku Yokaana Omutukuvu essuula eye 14. Ka tutandikira ku lunyiriri lwe 14. Yokaana Omutukuvu 14:14, tusomewo ekitundu ky'Ekyawandiikibwa. Mu kino ojja kusangamu bingi ku bye ŋŋenda okwogerako leero.

Kati, mmwe abalina Baibuli ey'ennukuta emmyuufu, Ebigambo ebyo biri mu mmyuufu. By'ebigambo Yesu yennyini bye yayogerako, olwo ne tubeerera ddala bakakafu nti bijja kubeerera ddala nga bwe Yayogera. "Eggulu n'ensi biriggwaawo naye Ekigambo Kye tekiriremererwa."

Kati, tujja kusoma olunyiriri olwe 14 olw'essuula eye 14.

Bwe munansabanga ekigambo mu linnya lyange, ekyo nnaakikolanga. Nga kisuubizo!

Oba nga nga munjagala, munaakwatanga ebiragiro byange.

N*ange ndisaba Kitange, naye Alibawa omubeezi omulala, abeerenga nammwe emirembe n'emirembe.*

Omwoyo ow'amazima: ensi gw'eteyinza kukkiriza; kubanga temulaba…

Kaakati, mmwe abayinza okuba nga musoma mu Baibuli ey'Oluyonaani, musobola okukiraba wano, si… laba kye kitegeeza, "okutegeera." "Kubanga ensi temutegeera Ye." Ekyo ddala kituufu. Ka nziramu

nkisome nate.

Omwoyo ow'amazima: oyo a...amazima; oyo ensi gw'eteyinza kukkiriza; kubanga temulaba, so temutegeera: mmwe mumutegeera (Ani? omubeezi); kubanga abeera gye muli kati (kikolwa ekyakati),...ye anaabeeranga nammwe,*era anaabanga mu mmwe.*

Kye ki ekyo? Omubeezi y'omu.

Siribaleka bamulekwa: Nze …

Ekyo buli omu akimanyi, "Nze," ekolanga Sserinnya.

… Nkomawo gye muli.

Esigadde ekiseera kitono, ensi obutandaba nate; naye mmwe mujja… naye mmwe mundaba: kubanga nze ndi mulamu, nammwe muliba balamu.

Ku lunaku olwo, mulitegeera mmwe nga nze ndi mu Kitange, nammwe mu nze, nange mu mmwe.

Awo we wagenda okubeera entabiro y'ekinyusi kyange, naye tugenda kusoma tweyongereyokko mu maaso. Leka n'ekyo nkisome kati.

Ku lunaku olwo (Olunaku olukulu, olunaku lw'omusango), *ku lunaku olwo mulimanya nga nze ndi mu Kitange, nammwe mu nze, nange mu mmwe.*

Alina ebiragiro byange n'abikwata, oyo nga ye anjagala: anjagala anaayagalibwanga Kitange, nange nnaamwagalanga, nnaamulabikiranga.

Yuda, atali Isukalyoti, n'amugamba nti Mukama, kibadde kitya ggwe okugenda okutulabikira ffe, so si eri ensi?

Eyo ye, *kosmos*, "enteekateeka y'ensi egobererwa." Bw'oba olina obugambo obuwandiikiddwa mu musittale, ojja kukiraba kino. Eyange ye 'g' era egamba wano nti "kosmos oba enteekateeka y'ensi egobererwa." Ago ge makanisa n'ebirala,mulaba.

Kijja kitya nti ggwe ojja kweyolesa gye tuli, so si eri bo? Oyinza kukikola otya?

Yesu n'addamu n'amugamba nti omuntu bw'anjagala anaakwatanga ekigambo kyange: (amiina) ne Kitange anaamwagalanga, era tunnajjanga gy'ali era tunaatuulanga gy'ali.

Atanjagala, takwata bigambo byange….

Musobola okukwata ekkanisa by'egamba; naye mmwe mukuume by'Agamba.

…n'ekigambo kye muwulira si kyange kya Kitange eyantuma.

Ebigambo ebyo mbabuulidde nga nkyali nammwe. Naye Omubeezi. Omwoyo Omutukuvu Kitange gw'alituma mu Linnya lyange, oyo alibayigiriza byonna, alibajjukiza byonna bye nnabagamba.

Kale kigendererwa ki Katonda ekyamusindisa Omwoyo Omutukuvu? Agatte omukisa ku kusoma Ekigambo Kye.

9 Yesu yagamba nti "Ku lunaku olwo, mulimanya nga nze Ndi mu Kitange, ne Kitange ali mu Nze, era nammwe muli…Ndi mummwe, nammwe mu Nze." Kaakati, singa tubadde tugenda kwogera kino…

Kaakati, Mujjukire, nga kino kigenda kubeera ku lutambi.

Omukristaayo munnabyabusuubuzi, okuva mu Louisville, yankubiddeko mu kaseera akayise. N'aŋŋamba nti "Kya buswavu Billy, nti obubaka buno, nga bwe wagambye ekiro ekyayise, ne butatuuka ku bantu mitwalo ena wano wabula ku bantu kikumi mu ataano, oba ebikumi bibiri, abantu bisatu mu kkuŋŋaaniro lyo ettono."

Ne ŋŋamba nti, "ssebo, mu myezi mukaaga okuva kati, Yesu bw'anaaba tannadda, ensi yonna okwetooloola bajja kuwulira kino." mulaba? Entambi ezo zigenda mu nsi yonna, mulaba, okugyetooloola. Era, n'olwekyo, wano tusomesa ekyo kyennyini kye tukkiririza ddala okubeera Amazima, era kye tumaze n'okuzuula nga kikakasiddwa Katonda okubeera Amazima.

10 Kaakati, ekigendererwa kya Katonda, kyali-kyali kiki okutuweereza Omwoyo Omutukuvu? Kaakati, ekyo nnyinza okukiwandiika wano, Yokaana 14, okutandika n'olunyiriri olwe 14, n'osoma okumalako essuula yonna, olw'omusingi. Ekigendererwa kya Katonda,tukizuula wano, ekyamusindisa Omwoyo Omutukuvu, kyali kigendererwa kimu, nti Katonda yennyini asobole okutuula mu Kkanisa Ye era n'enteekateeka Ze zisobole okweyongerayo mu maaso mu Kkanisa. Nti, Katonda yali mu Kristo, ng'Ayongerayo enteekateeka Ze okuyita mu Kristo; okuva mu Kristo, okudda mu Kkanisa, ng'Ayongerayo

emirimu Gye okuyita mu Kkanisa.

Kaakati, tumanyi kiki Omwoyo Omutukuvu ky'Ali. Ekyo twakizudde, ekiro ekyayise, nti Ye Katonda. Kaakati bwe tulowooza ku Katonda, taata, nga Yesu bwe yayogera wano, Kitaawe; Katonda, Omwana, nga Ye Yesu; Katonda, Omwoyo Omutukuvu, nga bwe tukiyita leero. Kaakati, ekyo tekitegeeza nti waliwo abantu basatu, ba Katonda ab'enjawulo. Kitegeeza nti waliwo Katonda omu mu wooffiisi ssatu.

Leka tukyogere bwe tuti. Kyonna Katonda kye Yali, Yakifuka mu Kristo, kubanga yeekaliza Yennyini n'akifuka kyonna mu Kristo. "Ne Kristo ye yali Obulamba bwa Katonda mu Mubiri." Yakuwa kye yali kyonna, Yakifuka mu Kristo.

Ne Kristo kyonna kye yali, Yakifuka mu Kkanisa; so si mu muntu ssekinoomu, naye mu Mubiri gwonna. Awo, we tujjira ffenna mu bumu, nga tulina amaanyi. Kyonna Katonda kye yali, kyali mu Kristo; ate ne Kristo kyonna kye yali, kiri mu mmwe.

"Kubanga Katonda Yafuuka omubiri, n'abeera gye tuli." Timoseewo Ekisooka 3:16, bw'oba ng'owandiika, "Era awatali kubuusabuusa ekyama eky'okutya Katonda kye kikulu: Katonda yalabisibwa mu mubiri, ne tumukwatako. Katonda Yakuwa, ng'Ayambadde omubiri, n'Atambulira ku nsi, ne tumulaba n'amaaso gaffe."

11 Era mumanyi nga mu ssuula y'emu eya Yokaana 14, Firipo yagamba nti, "Mukama waffe, tulage Kitaffe, kale kinaatumala."

Yesu n'amugamba nti, "Kasookedde mbeera nammwe, ebiro ebingi bwe bityo, era tontegeeranga, Firipo? Alabye ku nze, ng'alabye ku Kitange; kiki ekikuŋŋambiza ggwe nti, 'Tulage Kitaffe'? Katonda Yafuuka omubiri.

Kati Kiikino wano. Taata ye yali Katonda waggulu wammwe, bwe tugamba. Bwe tubaddenga okuviira ddala ku Adamu. Katonda, Taata, yali waggulu wa Musa n'abaana ba Isiraeri, mu Mpagi ey'Omuliro. Olwo, Katonda nga ali naffe, mu Kristo; n'atambula awamu naffe, n'ayogera naffe, n'alya awamu naffe, ne yeebaka awamu naffe. Katonda waggulu waffe; Katonda nga ali naffe, era kati leero Katonda mu ffe. Kyonna Katonda kye yali, kyajja mu Kristo; kyonna Kristo kye yali, kyajja mu Kkanisa.

Kiki ekyo? Katonda ng'akolera mu ggwe. Buli wantu wonna mu nsi we yandyagadde okukuyitira, wennyini w'obeera, ng'akolera mu ggwe okukola okwagala kwe okulungi. Nga tuteekeddwa okwebaza ennyo Katonda olw'ekyo! Katonda, Omwoyo Omutukuvu, asindikiddwa n'ekigendererwa Katonda asobole okutuula mu Kkanisa Ye, ng'Ayita mu buli mulembe, nga bw'akola okwagala okw'Obwakatonda Bwe.

12 Abantu bwe bakujereegerera, babeera tebajerega ggwe, babeera bajerega Oyo eyakutuma. Yesu kye yava agamba nti, "Mulina omukisa abantu bwe banaabayitanga ekintu kyonna ekibi, nga babawaayiriza, okubalanga Erinnya lyange. Mulina omukisa mmwe." Ate era abo bonna abali mu Kristo baliyigganyizibwa."

Kuba, Katonda bwe Yeemanyisa mu mubiri mu Kristo. Baamukyawa. Ani eyasinga okumukyawa? Ekkanisa. Ekkanisa ye yasinga okumukyawa. Baamukyawa okusinga a-abatamiivu. Baamukyawa okusinga n'abantu bali bonna abalala. Yali kkanisa eyamukyawa. Kale, n'olwekyo, bw'olaba *kosmos* "enteekateeka y'ensi, ensi teyamutegeera," kitegeeza nti "ekkanisa," nga bw'eyitibwa, "teyamutegeera". "Yajja mu matwale ge, naye abaali mu matwale ge tebaamusembeza."

Naye bonna abaamusembeza, yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda, abo abakkiriza Erinnya lye." Oo, nga tulina okumwagala era ne tumusinza! Ekigendererwa kya Katonda, ng'ayagala mutuuke mu kussekimu!

13 Era nga tetunnaba kuva ku kya kuyigako, leka tukozesa na kino; mu nnaku za Luusi, mu tteeka ery'obununuzi, Nawomi bwe yava mu nsi olw'ebigezo n'ebiseera ebyali ebikakali. Yagenda mu nsi y'Abamowaabu, eyali ey'ekibuguumirize, amwali abeefuula obwefuuzi Abakristaayo. Kubanga, Abamowaabu baava mu muwala wa Lutti, era nga bayitibwa mbu bakkiriza, kyokka nga beetabiikirizza. Olwo omwami we n'afa, era ne batabani be ababiri ne bafa. Bwe yali mu kkubo okudda eka, Nawomi… Luusi ne Nawomi, mu kkubo ng'adda eka muka…. Omu ku bakamwana be, Olupa ye yagamba nti agenda kuddayo mu nsi yeewaabwe, eri bakatonda be, era eri ekkanisa ye, n'eri abantu be. Awo Nawomi n'afuba okulaba nga ne Luusi naye addayo, naye ye n'agamba nti, "Abantu bo be bantu bange. Katonda wo ye Katonda. wange. Gy'olifiira nange gye ndifiira. Era gye balikuziika nange we balinziika. Kale sijja na kuddayo."

Ekyo kibaawo ng'omuntu afunye okwolesebwa. Tekyassaawo njawulo ekyo abantu be kye baayogera nti, "Ogenda eyo okufuuka mutukuvu yeevulunga oba ekintu ekirala kyonna." Ekyo tekyassaawo njawulo yonna eri Luusi. Waaliwo ekigendererwa kya Katonda ekyali eky'okutuukirizibwa.

14 Mazima ddala nga bw'oli omukakakafu n'enjala gy'olina okufuna Omwoyo Omutukuvu, ekintu kiri mu ggwe, nga kikusika, nti ekigendererwa kya Katonda ekyo ekiri mu bulamu bwo kirina okutuukirizibwa,

ddala nga bwe kyali mu Luusi.

Olugero lunyuvu nnyo! Sisobola na kuluvaako, mu kaseera akatono. Mumanyi etteeka ly'obununuzi, Bowaazi bwe…. Olugero olwo mulumanyi engeri Luusi gye yagendamu mu nnimiro okulonderera ebirimba n'afuna okuganja eri Bowaazi. Nga tannamuwasa, yalina okusooka okununula byonna Nawomi bye yali afiiriddwa. Era muntu yekka eyalina okununula Nawomi mu mbeera ey'okugwa kwe, mu tteeka ly'obununuzi, yali oyo ow'omu lulyo nga wa ku lusegere; yalina okusooka okuba nga wa mu lulyo nga tannanumula. Era oyo ye yali ow'omu lulyo ow'oku lusegere. Olwo yalina okukola akabonero nga ka lwatu, wabweru wa wankaaki, oba okukyatula ng'ensi yonna ewulira nti yali anunudde byonna Nawomi bye yali afiiriddwa. Ekyo Bowaazi yakikola ng'awuuba ebigere ate nga bw'alatta eri abakadde, n'ayogera nti "bwe wabaawo omuntu yenna alina ebya Nawomi, olwa leero Nze mbinunudde."

15 Ne Katonda bwe yakola bw'atyo, yagoberera amateeka Ge Ye. Katonda tasobola kugoberera, kukuwa tteeka lya kugoberera ate Ye n'agoberera eddala. Agoberera amateeka Ge Ye. Olwo, Katonda, okusobola okununula ekkanisa eyali ebuze, ensi eyabula ebuze, obutonde obwali bubuze; Katonda, Oyo ataliiko kkomo mu Mwoyo, okusobola okununula olulyo lw'omuntu, Katonda yennyini yafuuka wa mu lulyo, Omuntu, omwana gwe yatonda mu lubuto lwa Malyamu. Olwo n'Alyoka akola akabonero k'olwatu, oba obujulizi; wabweru w'emiryango gya Yerusaalemi, Yawanikibwa waggulu wakati w'eggulu n'ensi, n'alyoka afa, olwo n'anunula buli kimu. Ng'Atiiriika omusaayi, yatukuza Ekkanisa Ye gye yali asobola okubeeramu, n'akuŋŋaana era n'assa ekimu nayo, ekyo ekiseera ky'okussa ekimu ekyali kyabula mu lusuku Adeni, Katonda we Yajjiranga buli kawungeezi, ekiseera ky'ekkanisa.

Wali weetegerezza? Katonda yajjanga mu kiseera eky'empewo eyakawungeezi, ng'enjuba egwa. Waliwo ekibeerawo obudde bwe butandika okuziba, abantu balowooza ku kkanisa ne Katonda; Abakristaayo. Mulaba ng'enjuba egwa, okitegeera nti omusana gwo gugolooba.

16 Mu kiseera eky'empewo eyakawungeezi, Yajjanga okukuŋŋaananga nabo. Kale n'Afiirwa okukuŋŋaana okwo, kubanga ekibi kyali tekisobola kumuganya kukikola.

Awo n'Ayambala omubiri n'abeerako gye tuli, Asobole okudda eri omuntu abeere mu muntu, Azzeewo olukuŋŋaana lwe n'omuntu nate, olwo amuddize eddembe eryali lyamuweebwa Katonda. Ekyo kye yakola.

Ekyo ky'ekigendererwa ky'Omwoyo Omutukuvu. Ye Taata, nate, Katonda Kitaffe ng'ali mu ggwe n'Akola enteekateeka Ye, okumaliriza enteekateeka Ze ez'obununuzi; ng'Akolera mu ggwe, ng'Akufuula omukozi awamu Naye; ng'Akuwa ekifo, ng'Akufuula ekitundu ku muganda wo ne mwannyoko eyaggwa, ng'Akuwa Omwoyo We n'okwagala Kwe, okugenda okugenda okuyigga abaabula, nga bwe yakola mu lusuku Adeni. "Adamu, Adamu, oli luuyi wa?" ekyo, Omwoyo Omutukuvu ky'Akola eri omukazi oba omusajja. Bw'atuuka mu mitima gyabwe, n'afunamu obutuuze, mubeeramu enjala n'ennyonta ey'emmeeme ezaabula.

Ekyo ky'ekizibu n'enkuŋŋaana leero, Omwoyo tatukutteeko kimala, okugenda okukimayo emmeeme ezaabula n'ezo ezifa. Okwekolera erinnya, oba ekkanisa, oba ekizimbe oba ekibiina ky'eddiini gwe mulimu okusinga enteekateeka ey'okuwangula emmeeme. Nga tuli ba kusaassirwa! Twandisobodde n'okukibeerako akabanga.

17 Katonda yeefuka mu Kristo. Kituufu.

Kristo yeefuka mu Kkanisa. N'olwekyo, weetegereze kati, "Ku lunaku olwo mulimanya nga nze ndi mu Kitange, nammwe mu nze, nange mu mmwe. Era ekyo mulikimanya ku lunaku olwo." Kubanga ,kiri nti, ekintu kyonna nteekateeka emu ey'obununzi ng'ekka, Katonda oyo ng'Akomawo okugituulamu, abeere ne era akuŋŋaane n'abantu be, nga bwe Yakola ku lubereberye.

Kaakati, olwo, Ye olumala okufuna Ekkanisa Ye mu mbeera ng'eyogera, n'atuusa ekkanisa Ye mu kifo w'Asobolera okukulukutira mu yo, ng'erina okwagala, n'okusendasenda, okukuŋŋaana, olwo wajja kujja Adeni. Ajja kuzzaayo ekkanisa Ye wa we- we yamuleka, okugizza ku Adeni nate, awo wennyini we yagwira.

Yo kati…. Awo we waali ekutandika, oba okugwa kwayo. Awo w'erina okuddizibwa, ng'erina ekipapajjo kyayo eky'obununzi ekiyonjo, ng'Abakomyawo nate wennyini we baali.

18 Ekkanisa ebadde mu nsi okumala kabanga. Era ekkanisa, mazima, okuva lwe yafuna okuddaabululwa okuva mu myaka olukumi mu ebitaano egy'ekizikiza…. Luther ye yali omuddaabuluzi eyasooka okujja eyadda oluvannyuma lw'ekiseera ky'abatume. Olwo Luther bwe yajja, Katonda n'asumululako katono ku Mwoyo We n'Amufuka ku Kkanisa, okuggibwako omusango. Awo mu nnaku za Wesley, n'afukayo ettunduttundu lye eddala, mu kutukuzibwa. Omulembe bwe gugenze gukula, okutuuka mu kiseera eky'enkomerero, Katonda abaddenga ajjuza Ekkanisa Ye. Ggwe tunula butunuzi olabe oba nga ago g'emazima oba nedda.

Tunuulira omulembe gwa ba Luther, mmwe abasoma ebyafaayo, olabe okudda kwabwe obuggya bwe

kwali na biki bye baakola. Olabe n'engeri okudda obuggya okwa Wesley gye kwalimu okukulu, amaanyi ge baalina bwe gaasiŋŋanako, wadde mu batono ennyo. Weetegereze mu nnaku za Pentekoote, okudda obuggya kwe baalina ku olwo, nga kwali kunene, okwayanjaala awagazi.

19 Naddala, mu Sunday Visitor, olupapula lw'Abakatoliki, luwa obujulizi nti Abapentekoote baafulumya akakadde kamu n'emitwalo ataano egy'abakyusibwa mu mwaka gum, ne basinga amakanisa gonna ng'ogagasse wamu. Abakatoliki bokka, abakyusibwa okubuvaamu, bagamba nti baali akakadde kalamba. Mu Sunday Visitor olwabwe ddala, olupapula oluyitibwa Sunday Visitor, lwawandiika nti Abepentekoote be baabasinga.

Era, okijjukire, nti okukyusibwa kw'Abapentekoote kubeera kukyusibwa kwa kujjuzibwa Mwoyo Mutukuvu, okusookera ddala mu batono, okutandikira, ku luuyi lw'akakanisa eyo akatono eyo, abalina endongo emu enkadde. Ng'abakazi baamu tebasobola na kugula na mugogo gwa sitokisi. Beebeerera eyo ku luguudo lw'eggaali y'omukka, nga balonderera kasooli ayiise mu kkubo okumuseesa, bafuniremu abaana baabwe ak'okulya. Naye mwavaamu kiki? Mwavaamu ekkanisa ey'amaanyi-eyimiridde mu nsi leero, si mu maaso g'ensi, naye mu maaso ga Katonda, kubanga akikakasa n'ekyo ky'Abakolera. Ali mu kwefuka mu bo, Amubafukamu.

20 Weetegereze kati kiki ekibaddewo, Katonda nga Yeefuka mu bo. Nga kati ekkanisa etuuse mu kifo, okuva ku Luther, Wesley, nga kati okudda obuggya kuli ku Bapentekoote; era mpaka mu mulembe guno, mwe tuyingira kati, n'Omwoyo Omutukuvu y'omu, nga yeyongeddeko ekigera. Kati, Aba Luther bwe baalokoka emabega eyo, baafuna omugabo gw'Omwoyo Omutukuvu. Abamesodisiti bwe baalokoka, baatukuzibwa, ogwo gwali mulimu gwa Mwoyo Mutukuvu. Olaba nga kyali kitundu kya Mwoyo Mutukuvu. "Bo awatali ffe tebasobola kutuukirira" Ebyawandiikibwa bwe byogera. Mulaba?

Kaakati, Katonda, ng'Ekitangaala atandise okwakira mu nnaku ezisembayo, Atusuubiramu, ekintu eky'amaanyi. Kubanga, "We bagaba ebingi, wasuubirwawo bingi" Bwe kityo Agenda kwagala bingi okuva mu mulembe guno okusinga bwe Yakola mu Ba Luther, Abamesodisiti, kubanga ffe tutambulira mu kitangaala ekisingako, n'Amaanyi amangi, ekisingayo… Obujulizi obusingako ku bwe baalina. Ffe kati, tulina obujulizi bunene obw'okuzuukira okusinga obwabwe. Ebyaffe binywevu nnyo, bikakafu nnyo okusinga ebyabwe bye baalina.

21 Naye kiringa bwe nnagamba Ab'essomero lya Luther, ssi dda nnyo. Baagamba nti, "Kiki ky'olina?"

Ne ŋŋamba, "Omusajja yasimba ennimiro y'eŋŋaano. Ebikoola ebito ebisooka ne bijja, n'agamba nti, 'Weebale Mukama olw'ekimera ky'eŋŋaano! Ddala, yakirina, naye yakirina mu ngeri yaakyo eyasooka. Mpola mpola, ne kifuuka ekitititi,"

Era awo ebirimba ne bivaayo ku kyo, nga be Bamethodisiti.

Singa onootunuulira obutonde, ojja kulaba Katonda ng'Akola. Waliwo ekyama ekiri awo ekigenda ne mu buweereza bwange. Mulaba? Ekyo, okutunuulira obutonde, okulaba engeri gye kiri, mulembe ki era kiseera ki, osobola okulaba wa wooli. Tunuulira omulembe.

22 Kati, olwo, Abamesodisiti, baali birimba. Bwe baatunula emabega eri Aba Luther, baagamba nti "Tulina okutukuzibwa; mmwe temukirinaamu kantu konna."

Mpolampola okuva ku mpumbu y'ebimuli, mu Bamesodisiti, mwavaamu ensigo eya…. Ebirimba by'eŋŋaano. Eyo ye yali Pentekoote

Awo we muli, okuggibwako omusango, gumu ku mutendera gwakyo. Okutukuzibwa, mutendera gwakyo omulala. Omwoyo omutukuvu, mutendera gwakyo omulala; Pentekoote, Luther, Wesley, Pentekoote.

Pentekoote yakola ki? Nkyagala ekyo, kubanga, mu Pentekoote, Kyakomyawo, si kikoola kya kiragala, si birimba, naye…

Ensigo tesobola kugamba kirimba, "sirina kye nkwetaagako," oba ekirimba okugamba ekikoola nti "sirina kye nkwetaagako," kubanga obulamu bwennyini obwali mu kikoola, bwe bwakola ekirimba. Obulamu obwali mu kirimba bwe bwakola munyololo. Ekkanisa y'Aba Luther ye yakola ey'Abamesodisiti. Ate era ekkanisa y'Abamesodisiti ye yakola Abapentekoote. Naye Pentekoote, yali kiki? Kwe kuzzaawo kw'empeke y'emu eyaggwa mu ttaka ku ntandikwa, ng'ekomyawo mu obujjuvu bwonna obw'Amaanyi ga Pentekoote n'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, labayo, mu nnaku ezisembayo. Oo, nga kintu kikulu, okutunuulira era n'okukkiriza.

23 Kaakati, mu mulembe guno gwe tulimu, kisusse ne ku Pentekoote. Pentekoote ewummulidde mu bibiina, n'etandika n'okucupula buli kimu nga bw'egamba nti "Tuli kino, tuli kiri." Ekyo bwe butonde. Tolina bw'oyinza kukiyambamu. Bwe butonde. Bajja kukola ekyo. Y'enteekateeka bo okukola ekyo.

Wabula ekkanisa yo yeyongeddeyo. Eyingidde mu kisinga obukulu, eky'Amaanyi. Kwe kuzzibwawo

kw'ebirabo. Era bangi ku Bapentekoote tebakkiririza mu kuwonyezebwa kw'obwa Katonda, obuweereza bw'abamalayika, n'amaanyi ga Katonda. Abapentekoote abasinga, okwolesebwa kuno kwe nfuna bakuyita "Setaani." N'ebibiina ebisinga obungi, kino tekibakwatako yadde akatono mu Pentekoote. Laba, nga tutambudde okusukka ku ekyo. Ng'Abamesodisiti bwe bayita Abapentekoote "abalalu," olw'okwogera mu nnimi. Era ng'Aba Luther bwe baayita Abamesodisiti "abalalu" olw'okuleekaana, mulaba,

Naye byonna bijja lwa Mwoyo Omutukuvu okutuusa ng'Ekkanisa ey'ekitalo ng'ejjuziddwa ate era ng'ewagiddwa amaanyi, Aleruuya, [Ow'oluganda Branham akoona ku kituuti emirundi esatu.-Omuk.] olw'amaanyi ag'ekitalo aga Katonda ayinza byonna. Okutuusiza ddala ng'etuuse mu kifo ng'ebikolwa bya Yesu byennyini birabisibwa mu yo wakati. Tuli kumpi nnyo mikwano.

24 Ka nnyimirireko wano katono, okusobola okufuna ekyo Katonda kye yatuweera Omwoyo Omutukuvu, ka mbaweeyo ekifaananyi ekirala musobola okutegeera. Tuddeyoko mu Ndagaano Enkadde, omwana bwe-bwe…

Omusajja yeezimbiranga amaka. Neeyefunira Omugole we, ekyo kye kyalinga ekintu ekisookerwako. Olwo n'afuuka omusajja ow'amaanyi ng'ekibiina. Ekyo kyalinga kirungi.

Ekintu ekyaddangako okubeerawo, wajjangawo okuzaala mu maka omwo.; olwo Omwoyo Omutukuvu we, labayo ng'Omwoyo omulala gujja mu maka ago nga ye mutabani. Omutabani oyo, teyalinanga buyinza bujjuvu, era nga tasobola na kubeera musika okutuusa ng'awezezza ekigera ky'emyaka ekimu. Ate yalinanga okusooka okugezesebwa. Yee.

Kale, baalinanga etteeka ly'okutongozebwa. Eri mmwe abaweereza, "Okuteekebwawo kw'omwana," Kye njogerako kaakano, mulaba, olwo bwe yabanga atuuse mu kigera eky'okutongozebwa. Yesu yawa eky'okulabirako ekirungi, ku lusozi olw'Okufuusibwa.

Nga bwe nnagambye, Katonda tayinza kukolera kintu kyonna wabweru w'etteeka lye. Bw'obeera olina oluzzi olwasimwa ku lusozi luno, nga lufuuwa amazzi mu bbanga lyonna. Kati olwo, ku luuyi lw'olusozi luli olulala, nga waliyo ebimera ebirakaasidde nga bikala. Oba osobola okuyimirira ku lusozi luno n'oleekaana nti "Oo, amazzi, mujje eno muyiike mu bimera byange! Oo, mazzi, mugende eri ebimera byange!" Tegajja kukikola. Naye singa onaakola ng'etteeka ly'amaanyi agasika ebintu okuva waggulu bwe liri, oba osobola okufukirira ebimera.

25 Bw'obeera olina omusajja nga mulwadde agalamidde wano, oba omwonoonyi ng'agalamidde wano, oba omuntu ayagala okutereeza obulamu bwe, nga tasobola kulekayo kutamiira, kufuweeta sigala, wadde nga tasobola na kulekayo okwaka na buli kintu. Bw'onookola bukozi ng'etteeka lya Katonda bwe liri, leka Omwoyo Omutukuvu ajje munda omwo, olwo abeera nga takyali ku lulwe. Ye, y'ajja okukomya ekintu ekyo, kubanga Omwoyo Omutukuvu amuwamba. Naye olina okukikola ng'amateeka ga Katonda bwe gali, ebiragiro bya Katonda.

Kaakati, omwana ono bwe yazaalibwanga mu Ndagaano Enkadde, bamwetegerezanga, okulaba engeri gye yali yeeyisaamu, empisa ze. Kitaawe olw'okubeera omusuubuzi ow'ekitalo mu kiseera nga kino, mu myaka gye ng'ana oba ataano, yabanga talina budde busomesa mwana we ye mwennyini, n'olwekyo yafunanga... Mu nnaku ezo tebaalinanga masomero ga lukale nga bwe kiri leero, kati baafunanga oyo gwe bayita "omusomesa," oba "omukuza," omusomesa w'essomero. Era omusomesa ono ow'essomero ye yalinga asingayo gwe yasobolanga okufuna, ng'ate alina okubeera ow'amazima okubuulira kitaawe amazima ku kyo.

26 Olwo omulenzi ono bwe yatuukanga ekigera eky'emyaka egimu, gamba ng'akuze. Omulenzi bw'atabanga mwesimbu, nga si mulungi, atafaayo eri emirimu gya kitaawe; nga ky'alina mu birowoozo bye kwe kwegadanga n'abakazi, oba- oba okutamiira, oba okuzannya zzaala, okubeeranga mu mizannyo gy'okuvuga embalaasi; omulenzi oyo yasigalanga mutabani, naye teyateekebwanga mu buvunaanyizibwa bwa bintu bya kitaawe bye yalinanga.

Naye bwe Yabeeranga omulenzi omulungi, ate era ng'afaayo ku mirimu gya kitaawe, ng'akakasiddwa okubeera omwana omulungi, baabanga n'omukolo. Baafulumyanga omulenzi oyo mu luguudo ne bamwambaza omunagiro omweru ne balyoka bamutuuza ku kituuti ab'ekibuga bonna basobole okumulaba. Baafumbanga ekijjulo ne bamukolera embaga ey'okuweza emyaka egyo, olwo kitaawe n'akola omukolo ogw'okutongoza omwana. Yatongozanga omwana we mu mirimu gye gy'akola y, kale ng'olwo omutabani kumpi yenkanankana ne kitaawe. Ekitegeeza nti singa kibadde leero, erinnya ly'omutabani lyandibadde ddungi nga erya kitaawe.

27 Laba Katonda kye yakola. Omwana we bwe yazaalibwa, yamuleka n'akula amale kuweza myaka asatu, ng'Amugezesa, nga bw'Amukema. Olwo, n'alyoka Amuwa emyaka esatu egy'ekigezo ekikakali. Oluvannyuma lw'ekigezo ekikambwe, bwe yamala okulaba ng'omutabani yali ku mulimu gwa kitaawe, ku lusozi olw'Okufuusibwa, mu kitabo kya Lukka; bwe yatwala Peetero, ne Yokaana, ne Yakobo; Abajulizi basatu, n'ayambuka ku ntikko y'olusozi, eyo Katonda n'Akola emikolo egy'okutongoza omwana. Ye …. Ne

batunula engulu ne balaba Yesu, n'engoye Ze nga zimasamasa nnyo mu byeru ng'ekitangaala ekyaka. Ekire bwe kyamusiikiriza, mwavaamu eddoboozi nga lyogera nti, "Ono ye Mwana wange gwe njagala; mumuwulire. Kati nja kutuula wansi sijja kuddamu kubaako kye njogera nate. Buli ky'ayogera, ly'etteeka n'Amazima."

28 Kale, ekkanisa eyise mu masomero ago gonna. Yafumbirwako emabega eyo, mu biseera ebiyise, n'ebeerako ekibiina ky'eddiini ekigunje, ekibiina ekitegeke. Naye bwe weetegereze, okuzaalibwa kwaleeta ekintu ekirala. Kati etuuse ne mu kifo ekkanisa ya Pentekoote awo n'okuzaalibwa okuggya, egezeseddwa n'ekemebwa, kati, yiiyo etuuse mu kifo… Katonda takolagana na Kkanisa ng'ekibiina ekitegeke. Takolagana na kkanisa nga-nga ekibiina ky'abantu.

Akolagana n'Ekkanisa ng'omuntu ssekinnoomu, buli ssekinnoomu mu Kkanisa. Era kati etuuse mu kiseera...Era tekikyali kya nkiso; ffenna tukiraba. Omuntu bw'akakasa, Katonda n'Amwagala, amweggirawo n'abaako w'Amuteeka. Awo mu maaso ga bamalayika n'abaako ky'amukolera. Amuyimusiza eyo mu maaso ga Katonda, n'Amuwa n'ebirabo, n'Amiujjuza, olwo n'Amutuuza. Ogwo gwe mulembe ffe gwe tulimu.

29 Omwoyo y'omu eyalokola Aba Luther; ye yatukuza Abamesodisiti; n'abatiza Abapentekoote; kaakano ategeka okudda kwa Mukama Yesu. Bw'Anaafuuka ow'amaanyi, omubiri ogwo, ajja kujja mu kibiina kino, Ekkanisa, eriggyayo bonna abali mu ntaana. Awo walibaawo okuzuukira. Ekyo kye ky'aweesa Omwoyo Omutukuvu. Omwoyo Omutukuvu kye ki? "Awatali ffe bo baleme okutuukirira." Baaliwo olunaku olumu, nga balinda ekyo. Tuli mu lunaku olulala.

"Omulabe bw'ayanjaala ng'amataba, nja ku…. Omwoyo wa mukama aliyimusa omutindo okumulwanyisa." Mulaba? Tuli mu lunaku olwo kati...

30 Emabega eyo, tebaali bagezigezi nga bwe bali leero. Baali tebasobola kukola bbomu nnamuzisa ey'obutwa oba ebidduka ebikozesa omuliro. Tebaalina Ssaayansi na bintu bye tulina leero, kyokka, ate era n'ebintu eby'ekyama okugezaako okutabulatabula omuntu, n'ettaka erimu na buli kimu, okutwala okwekebejjebwa okumu bakukakase, okukola abakafiiri okuva mu bantu.

Naye kati, bwe tuba tukyagala, Omwoyo wa Katonda ayimusa omutindo. Kiki ekyo? Afukamu Mwoyo We. Olwo, abo abali emitala nga bawummudde mu magombe, oba wansi w'ekyoto kya Katonda, ng'Ebyawandiikibwa bwe byogera, bakaaba nti "Olituusa wa, Mukama? Olituusa wa? Kinaatwala bbanga ki?" Katonda alinze ku ggwe nange. Ekkanisa erinze ku nze naawe, ekiseera eky'okutongozebwa, Katonda mw'Asobolera okufuka muffe obujjuvu bwe bwonna, Amaanyi Ge, okuzuukira Kwe, nti Ekkanisa ne Kristo bwe basemberaganira ddala okutuusa nga Kristo Alabika mu ffe, n'azuukiza abafu, olwo ne tugenda mu Kukwakkulibwa.

31 Kaakati tugenda kugamba, leka tukirage oluvannyuma olw'akaseera, nti abo bokka abajjuziddwa n'Omwoyo Omutukuvu be bagenda mu Kukwakkulibwa. "Abafu abalala tebaabeera balamu okumala ebbanga lya myaka lukumi lwe." Ekyo kituufu. Abo bokka abajjuziddwa Omwoyo Omutukuvu be baagenda mu Kukwakkulibwa. Kaakati, Katonda yawa Omwoyo Omutukuvu…

Nninawo Ekyawandiikibwa ekirala wano, mu Yokaana 14:12. Kimu ku Byawandiikibwa ebimanyiddwa ennyo abantu wano mu kkuŋŋaaniro lino

Ddala ddala mbagamba nti, Akkiriza nze….

Kaakano, toganya kigambo ekyo, "akkiriza" okukuumira ennyuma. Mu kkanisa ey'abefuula obwefuuzi, ng'ogamba nti, "Yee, nzikiriza. Mazima, nzikiriza Yesu Kristo okubeera Omwana wa Katonda." Ne Setaani akkiriza ekintu ky'ekimu. Ekyo bwe kiri ddala. Baibuli egamba nti akikola.

Naye Ebyawandiikibwa mu Yokaana bigamba nti "Siwali muntu ayinza okwogera nti Yesu ye Kristo wabula ku bw'Omwoyo Omutukuvu." Mu butuufu ddala, n'Ebyawandiikibwa…. Leka nnyimirireko wano katono, nga sinnamalayo kusoma.

32 Tonnakyusibwa okutuusa ng'ofunye Omwoyo Omutukuvu. Ekyo bwe kiri. Okkiriza "okutuusa." Omwoyo Omutukuvu ng'Ayogedde naawe era n'omwatulira mu lujjudde. Ne Setaani alina ekintu ky'ekimu. "Mukkiriza okuba Omwana wa Katonda." Bw'atyo ne Setaani bw'ali. Kale ggwe otambula okugenda gy'Ali.

Peetero bwe yayitibwa n'atukuzibwa, ng'akkiriza Yesu Kristo; era mu Yokaana 17:17, Yesu yabatukuza okuyita mu Kigambo, kubanga Ekigambo ge gaali Amazima. Ate nga Ye yali Kigambo. Essuula esooka, Yokaana kigamba nti "Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda. Kigamba n'afuuka omubiri n'abeerako gye tuli." Ye yali Kigambo, olwo n'Abatukuza. N'agamba nti "Kitange," ng'Ayogera eri Omwoyo ali mu Ye, "Mbatukuza okuyita mu Kigambo," Yennyini, ng'Abassaako emikono Gye. "Ekigambo kyo ge Mazima." Eyali yayogerwa obwogerwa n'Abeera mu lubuto lw'omukazi; oo, nga kizibu Ye okubeera ekintu ekirala okusinga Ekigambo kya Katonda okusobola okulabisibwa. "Mbatukuza."

33 Yabawa obuyinza ku myoyo emibi. Ne bafuluma. N'Ateeka amannya gaabwe mu kitabo ky'obulamu eky'Omwana gw'endiga. N'amala n'Abasindika, Yokaana…. Matayo 10, n'abawa obuyinza ku myoyo emibi; okugobanga emizimu, okukolanga emirimu, n'ebirala. Ne balyoka bakomawo nga basanyuka nga bwe bagamba nti, "Ne ba ddayimooni batuwulira."

N'abagamba nti, "Temusanyuka kubanga ba ddayimooni babawulira, naye musanyuke kubanga amannya gammwe gawandiikiddwa mu Kitabo." Ne Yuda Isukalyoti yali wamu nabo. Olaba nga bw'asobola okuba okumpi; ng'ayitirawo ddala ne mu kuggibwawoko omusango, n'atuukira ddala ne mu kutukuzibwa. Kale ddi lwe yalaga omusana gwe? Ddi lwe yeeraga? Pentekoote bwe yali tennaba kutuuka, yalaga ekituufu ky'ali.

34 Tunuulira, omwoyo ogwo gugenda kubeerara ddala gunnaddiini nnyo era nga gwefuula okuba omutukuvu nga bwe gusobola, okutuusa nga kituuse ku Mwoyo Omutukuvu, era olwo bajja kugusalirako eyo; Ogwo gwe myoyo ogwo (temusobola kugulaba?) nga gulinnya, Omwoyo omulabe gwa Kristo. Ne Yesu yagwogerako nti "Giriba gifaanaganira ddala mu nnaku ez'oluvannyuma, Gulikyamya n'Abalonde oba nga kiyinzika." Naye, Mujjukire, Abalonde bokka be bajja okugulaba.

Katonda ayita okuyita mu kulonda. Ggwe, toli musanyufu nti oli omu ku abo? [Ekibiina kiddamu "Amiina."-Omuk.] Bantu mmwe temuli wano, abali, nga mumanyidde ddala nti mu mutima gwammwe waliwo ekikowoola, "Mmwagala Omwoyo Omutukuvu oyo. Nkwagala ggwe, Mukama, mu mutima gwange"? Ekyo kiri lwakuba nga Katonda Yateeka erinnya lyo mu kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga nga n'ensi tennaba kutondebwa. Yakyogera ekyo.

"Teri ayinza kujja gyendi," Yesu bwe yayogera, "Kitange bw'Atamuwalula. Buli ajja gyendi, ŋŋenda kumuwa Obulamu Obutaggwaawo." Obulamu Obutaggwaawo kye ki? Omwoyo omutukuvu. "Obulamu Obutaggwaawo," funa ekigambo ekyo okiteeke mu Luyonaani, kyagamba nti "Zoowe." Zoowe ye Mwoyo Mutukuvu. "Bonna Kitange be yampa balijja gye ndi. Ajja gye ndi, Ndimuwa Omwoyo omutukuvu era ndi muzuukiriza ku lunaku olw'enkomerero. Nja kukikola." Yagamba. Tali mu kugamba nti singa ku kyo. "Nja kukikola. Ajja gye ndi; Nze mmuwa Obulamu Obutaggwaawo." Alina okuzuukira, 'kubanga alina Obulamu Obutaggwaawo. Alina okujja. Tasobola na kufa nga Katonda bw'Atasobola kufa.

35 Oo, mikwano gyange abaagalwa okuva mu nsi eno okugyetoloola wamu ne mu bubuga bw'ayo obutono, kale singa mbadde nsobola, n'eddoboozi lyange ery'obuntu, nnanditadde munda mu mutima gwammwe omugaso gw'okubatizibwa kw'Omwoyo omutukuvu, kwe kwandibadde okubikkulirwa okw'omuwendo kwe wali ofunye mu bulamu bwo. Okulaba ekyo…. Oteekwa okukikola. Ekyo ka nkitereeze, bulungi, "Tokyusibwanga."

Peetero yali yalokolebwa. Yakkiiriza Mukama, era n'amugoberera. Yesu n'Amubuulira ne kiki kye yali, n'amuleetera n'okumugoberera. Yamuwa obuyinza ku maanyi gonna amabi ate era n'amutukuza. Naye mu byonna ebyo, ng'afuuse n'omwogezi w'akabinja konna; ng'Abakatoliki bwe bandyagadde okukityebekawo, "Bisopu w'ekkanisa", oba ppaapa," oba kyonna kye kyali, omutwe omukulu ogw'ekkanisa; so nga Yesu Yagamba, mu kiro kye baamuliiramu olukwe nti, "Onjagala, Peetero?"

N'amugamba nti, "Weewaawo, Mukama wange, ggwe omanyi nga nkwagala."

N'amugamba nti, "Liisanga endiga Zange." N'akimugamba emirundi esatu.

Nga Peetero bw'amugamba nti,"Ggwe omanyi nga nkwagala, okutuusa lwe ndigenda naawe ku nkomerero, nja kugenda naawe mu kufa," n'ebirala.

Yamugamba nti, "Enkoko eneeba tennaba kukookolima mirundi esatu, ojja... nga enkoko tennakookolima, onaabeera onnegaanye emirundi esatu." N'agamba nti, "Naye, Peetero, nkusabidde ggwe." Wuliriza. Si by'ebyo byokka. "Nkusabidde ggwe. Bw'omalanga okukyuka, olwo onywezanga baganda bo."

"Bw'omalanga okukyuka." Yali awogganye. Oba oli awo yali aziniddeko mu Mwoyo. Ye, nga yali akoze ebintu byonna, naye yali tannafuna Mwoyo Mutukuvu. "Bw'omalanga okukyuka, onywezanga baganda bo," kituufu ekyo, "Otuukirize enteekateeka Ye."

36 Kaakati, leka mmalirize okusoma Yokaana 14:12. Kati mu ssuula eye 14 n'olunyiriri olwe 12, Yesu yagamba nti "Ddala ddala mbagamba nti Akkiriza…" Era tosobola kukkiriza… "Akkiriza Nze." Osobola okumukkiriza. Bameka abategeera ekyo, bagambe nti, "Amiina" [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."-Omuk.]

Mujjukira, mu Bikolwabyabatume 19. Nkikyawa kino okukikomya wano, era nnina kumala ga kyogera nga bwe kijja gye ndi. Mu Bikolwabyabatume essuula eye 19, Omubuulizi ono Omubaputisiti, eyali mu-munnamateeka ate nga yali yakyusibwa, era nga yali abuulira abantu era ng'abantu balokoka. Era baalinanga essanyu ery'ekitalo, basanyukanga nga bwe baleekaana, nga balina enkuŋŋaana. Bikolwa 18, Akula ne Pulisikira twabajulizzaako ekiro ekyayise, nga baali bagenze okumulaba. Baali bamumanyi ng'omusajja ow'ekitalo, ate nga yali muyizi. Nga era akakasa ne Baibuli nti Yesu ye Yali Omwana wa

Katonda, kyokka ng'amanyi kubatiza kwa Yokaana kwokka. Nga tannamanya na kubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu. Bw'atyo n'agamba…

Akula ne Pulisikira, omwami oyo n'omukyala abakozi ba weema; ate nga ne Pawulo yali mukozi wa weema. Baali bafunye Omwoyo Omutukuvu ku kuyigirizibwa kwa Pawulo. Ne bagamba nti, "Tulinayo kaganda kaffe akajja wano. Tumuwa omukisa ayogereko naffe ku ekyo."

Olwo Pawulo bwe yajja n'amuwulira ng'ayigiriza, yamanya nga yali musajja wa kitalo, yagamba nti, "Mwaweebwa Omwoyo Omutukuvu bwe mwakkiriza?"

Ne bagamba nti, "Tetumanyi nga waaliyo… oba nga waaliyo n'Omwoyo Omutukuvu."

N'abagamba nti, 'Olwo mu ki," oba ekigambo ky'Oluyonaani "Mwabatizibwa mutya?"

Ne bagamba nti, "Twabatizibwa dda Yokaana Omubatiza."

Kati weetegereze kiki Pawulo ky'abagamba. Pawulo n'ayogera nti, "Yokaana yabatiza okubatiza okw'okwenenya; sikuggibwako kibi, naye olw'okwenenya, ng'agamba, ekyo kye mwakkiriza."

Bw'okkiriza Yesu ng'Omulokozi wo, obeera okkiriza okubatizibwa Okwo ssi kwekubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, baganda bange abaagalwa Ababaputisiti. Kikyamu.

37 Luli waliwo ow'Oluganda eyaŋŋamba, ng'agamba nti, "ow'Oluganda Branham," oba ekiseera ekiyiseeko emyezi egiyise, yagamba nti, "ow'Oluganda Branham, Ibulayimu n'akkiriza Katonda, era ne kumubalirwa okubeera obutuukirivu."

Ne ŋŋamba nti, "Ago Mazima".

N'agamba nti, "Kati kiki ekirala ky'ayinza okukola ng'oggyeeko okukkiriza?"

Ne ŋŋamba nti, "Ekyo omuntu kyokka ky'asobola okukola. Leero ky'asobola okukola, kukkiriza Katonda. Naye Katonda yamuwa envumbo y'okukomola," ekyo kye twayiseemu ekiro ekyayise, "ng'akabonero nti yali Akkirizza okukkiriza kwe mu Ye. Ne leero, okutuusa nga Katonda…

Omukkiriza bw'omwatula Ye okubeera Omulokozi wo. Naye Katonda bw'Akuwa envumbo y'Omwoyo Omutukuvu, abeera Akusibyeko olw'entuuko zo ez'Obutaggwaawo. Kati mmwe Ababaputisiti ekyo mukitwale, olwo nja kugenda nammwe mu Bukuumi Obutaggwaawo. Yee, ssebo. Kubanga, "Temunakuwanzanga Omwoyo wa Katonda, eyabateesaako envumbo okutuusa olunaku lw'okununulibwa." Temuteekebwako nvumbo olw'okukkiriza, wabula muteekebwako envumbo n'Omwoyo Omutukuvu. Befeeso 4:30, "Temunakuwazanga Omwoyo Omutukuvu owa Katonda, eyabateesaako envumbo okutuusa okununulibwa kwammwe." Oyo akussaako envumbo, bw'ofuna okuganja eri Katonda, n'Alyoka akussaako envumbo n'Omwoyo Omutukuvu.

Bwe kiri ekyo, kuba Baibuli egamba nti, "teri muntu asobola kugamba nti Yesu ye Kristo okuggyako n'Omwoyo omutukuvu."

38 Ogamba nti, "Nkikkiriza kubanga omusumba yagamba bw'atyo." Ye mutuufu, naye ekyo ggwe tekikugasa. "Nkikkiriza kubanga Ekigambo bwe kigamba." Ekyo kituufu, naye era ekyo si kikyo, n'okugasa tekikugasa.

Engeri yokka gy'osobola okwogeramu nti Yesu ye Kristo, ye Mwoyo Mutukuvu ng'azze mu ggwe n'Awa obujulizi, ne Yeejulira yekka nti, "Ye Mwana wa Katonda." Eyo y'engeri yokka gy'omanyamu okuzuukira, ye Mwoyo Omutukuvu ng'Awadde obujulizi. "Omwoyo Omutukuvu bw'alijja Alitegeeza Ebyange, abalage ebigenda okujja; ebintu bino byonna bye Nnayogera Abibajjukize." Temulibisanga mu ssomero. Mulaba? Bino Agenda kubibajjukiza.

39 Era kaakati, twagala okwongera okusoma mu Byawandiikibwa, mu Yokaana 14:12

Ddala ddala mbagamba nti Akkiriza nze, emirimu gye nkola nze, naye aligikola; n'egisingawo obunene….

Nga okuvvuunula okutuufu kugamba "ebingi" bw'oyagala okukyekkenneenya.

…. *n'egisingawo obunene aligikola; kubanga ŋŋenda eri Kitange.*

Nga bw'aba Agenze eri Kitaawe, Omwoyo Omutukuvu yali waakujja. Si bwe kiri? Ekyawandiikibwa ekirala kigamba nti "Bwe sirigenda, Omubeezi talibajjira. Naye bwe ŋŋenda, Nkomawo gye muli, Mbeerenga nammwe, era mu mmwe." Mulaba, Ye Katonda nga Ali naawe. Okusooka waggulu wo; ate naawe, mu Kristo; mu ggwe, mu Mwoyo Omutukuvu. Ye Katonda mu ggwe.

40 Kati, "Emirimu gye nkola nze muligikola nammwe," si mirimu mirala. Naye Katonda Ayagala okuleeta Omwoyo Omutukuvu, mu ggwe okukola emirimu gy'egimu gye Yakolanga mu Kristo.

Emirimu egyo gyali tegyetaagibwa nnyo mu biseera bya Luther. Eyo yali Kkanisa ya Katonda. Tegyali… mu nnaku za Wesley gye yongeramu kko katono okubeera nga tegyetaagibwa nnyo. Kubanga "Ensi" Baibuli egamba nti, "ejja kwongera okunafuwa ate egeziwale, nga bwegwenyuka buli kaseera." Ffe tuli…. ensi yeyongera kugwagwawala buli… Ekyo tukimanyi. Lwaki, Kubanga omuntu leero akola ebintu, ebyali tebisobola kulowoozebwako emyaka kikumi egiyise nti wasobola okubeerawo omuntu omukambwe. "Nga mugwagwa ekiseera kyonna, olwo n'omugwagwa ayongere kukola bya bugwagwa akaseera konna," Ebyawandiikibwa bwe bigamba, "ayongere kugwagwawala."

41 Bwe kityo n'Omwoyo Omutukuvu abaddenga Atambula. Waaliwo akatundu katono Luther ke yassa; era n'akalala ne kafuuwa ku lwa Wesley, ate okufuuwa okungimukko ku Pentekoote; awo gwe Yassa n'Omwoyo byombi ng'afuuse omu. Ali mu kwegatta wamu, ng'aleeta okufuuwa kwe kumu okw'Omwoyo Omutukuvu nga bwe yakola emabega eyo, era Ali mu kulabisa emirimu gy'egimu gye Yakolanga emabega eyo, gy'Ali okulabisa ne leero. Ekintu ky'ekimu.

Weekalirize ku kiki Yesu kye yayogera nti, "Ddala ddala mbagamba nti Omwana taliiko ky'alikola okutuusa ng'alabye Taata nga yasoose okukola. Taata ky'akola, akiraga Omwana. Taata ali mu nze; ng'Akola emirimu." Mulaba?

42 Kaakati wekkaanye, waliwo ekintu ekirala kye njagala okwogera wano. "Nga" Yesu yagamba nti, "nga Kitange bwe yantuma. Nga," kale tunula, "nga Kitange bwe yantuma Nze, nange bwe Mbatuma mmwe." "Nga Kitange…." Taata yamutuma atya? Taata, eyamutuma, Yakka okuva mu Ggulu n'Atuula mu Ye.

N'Agendanga. Yagamba nti, " Bulijjo Nkola ebyo byokka ebisanyusa Kitange." Mukirabye? Yagendanga akola ebintu Taata bye Yamulaganga okukola. "Siriiko kye nkola Taata bw'atasooka kundaga." Katonda eyamutuma, yali munda mu Ye. Nga Kitange bwe yantuma Nze, mu ngeri y'emu Taata gye yantumamu, Nange gye Mbatumamu." Kye ki? Katonda mu mmwe, ng'Atwala mu maaso (ekiki?) emirimu gy'egimu mu ngeri y'emu.

Yesu yagamba nti, "Oyo…. Oyo akkiriza, Annina Nze munda ye, Omwoyo Omutukuvu; Akkiriza, ng'amaze okujulirwa okuzuukira Kwange, ng'amanyi nti Ndi mu ye. Oyo ali mu Nze; bwe mubeera mu Nze, n'Ebigambo byange bwe bibeera mu mmwe."

43 Kakaati ogamba nti, "Mbeera mu Yesu; naye Nkakasa ssikkiririza mu kuwonyezebwa kw'obwa Katonda." Ekyo kyokka kiraga nga Taliimu omwo.

Nzikiririza mu Yesu; naye ssikkiririza mu Mwoyo Mutukuvu owa leero, si ng'engeri gye bakirinamu emabega eyo." N'ekyo kiraga nti Taliimu omwo.

Omwoyo Omutukuvu agenda kujulira buli Kigambo kye Yayogera. Si mulimba. Tatya muntu yenna oba wadde ekibiina. Tatwala kya muntu yenna. Ayogera n'Asigala n'ekyo.

Bwe kibeera owa waggulu, ayonooneddwa,era abayigirize, oba nga bwe tuyinza okubayita, basita kange, bwe babeera nga tebaagala kukikkiriza, "Katonda asobola mu mayinja gano okufuuliramu Ibulayimu abaana." Ajja kuddira Ekibinja ky'abakkondo n'abakukusa eby'amaguzi n'ebirala, ne bigolokoka. Katonda asobola okukola, ate era Akikola. "Katonda ayinza mu mayinja gano okufuuliramu Ibulayimu abaana." Waliwo agenda okukikola kubanga ye Katonda.

44 "Bwe mubeera mu Nze, n'Ebigambo byange bwe bibeera mu mmwe, musabe kyonna kye mwagala," muba musaba Kigambo Kye ate nga n'Ekigambo Kye Bulamu. Kyogere. Katonda bw'Aba Yakyogera, nga naawe okikakasa nga Yakyogera, Omwoyo Omutukuvu n'Akijulira nga ge Mazima, awo kati w'oli ow'Oluganda. Kyogere; kiikyo awo. "Gamba olusozi luno, 'Sigulibwa'." Tobuusabuusa mu mutima gwo, naye kkiriza nti ky'oyogera kigenda kutuukirira." [ow'Oluganda Branham akuba mu ngalo emirundi esatu. -Omuk.] Si ggwe ayogera, naye Taata Ali mu ggwe; Y'Ayogera. Si ggwe ayogera eri olusozi olwo, wabula Taata Ali mu ggwe, Yayogera eri olusozi olwo. Luba lulina okuvaawo. "Eggulu lyonna n'ensi biriggwaawo," n'Agamba nti "naye Omwoyo wange tajja…oba Ekigambo kyange tekijja kuggwaawo." Mu mazima ddala, tekisobola kuggwaawo. Kitaffe!

45 Kati awo nno, "Emirimu gye nkola Nze." Katonda Ali mu Kkanisa Ye, okwongerayo emirimu Gye. Eyo y'ensonga lwaki Yatuma Omwoyo Omutukuvu. Ekyo Ye yakimanya. Ye, Yakimanya nga kyali tekijja kukolebwa mu ngeri eyo, ng'okozesa ekintu ekirala, n'olwekyo Yalina okutuma. Taata Yatuma Omwana, n'Amuteekamu byonna… omwana mu ggwe. N'emirimu gyennyini gye Yakola, emirimu gy'egimu Yesu gye Yakola, mmwe muligikola, Ekkanisa.

Mwandyagadde okukola emirimu gya Katonda? [Ekibiina kiddamu "Amiina". -Omuk.] Yesu yagamba nti, "Bwe mubeera mwagala okukola emirimu gya Katonda, munzikirize Nze." Omukkiriza otya? Tosobola na kukikola okutuusa ng'olina Omwoyo Omutukuvu.

Kubanga tewali asobola ku mwogerako ng'Omwana wa Katonda; obeera oyogera omuntu omulala kye yayogera. Baibuli egamba nti Ye Mwana wa Katonda; nzikiriza "Baibuli. Omusumba agamba nti Ye Mwana

wa Katonda; nzikiriza omusumba. Ne maama agamba nti Ye Mwana wa Katonda; maama mmukkiriza. Mukwano gwange agamba Ye Mwana wa Katonda; era naye mmukkiriza."

Naye engeri yokka gye nsobola okwogera nti Ye Mwana wa Katonda, ye Mwoyo Mutukuvu bw'Ajja mu nze ne Yeewaako obujulizi, olwo mmanya nti ddala Mwana wa Katonda. [ow'Oluganda Branham yakuba ku kituuti emirundi ena. -Omuk.] "Teri muntu ayinza okugamba nti Yesu ye 'Kristo' wabula olw'Omwoyo Omutukuvu."

Huh! Teri muntu mu Mwoyo wa Katonda nti Yesu akolimiddwa oba n'agamba nti Yali kirala mu lunaku luli ara n'olwa leero. Olwo ekyo kibeera kimufuula omunafu era ayenjebuse. Nedda, ssebo. Ye y'omu jjo, leero n'emirembe gyonna. Na buli myoyo omutuufu gukijulira ekyo. Ekyo bwe kiri.

46 Kaakati, yagamba nti, "Emirimu gino gye Nkola nammwe muligikola." Yokaana 14:12 Egyo kati gy'emirimu gy'egimu. "Oh," bagamba nti, "Ekkanisa ekola emirimu egy'amaanyi leero." Mu ngeri ki? Ye yagamba nti, "Emirimu gye nkola Nze."

"Nti," bagamba nti, "Kale, ffe tulina abaminsani okwetooloola ensi yonna, ogwo nno mulimu gw'amaanyi.

Naye yagamba nti, "Emirimu gye nkola Nze." Gikole, sooka ogikole, awo olyoke oyogere ku baminsane.

Leero, bwe nnali nga njogera ku bakkiririza mu Muwamadi ekiseera ekiyise, yagamba nti,"Muwamadi mufu." Ekyo kituufu, ali mu magombe, naye olunaku lumu alizuukira." Yagamba nti,"Bw'alizuukira okuva mu bafu, olwo ensi yonna ejja kukimanya mu ssaawa abiri mu nnya." N'agamba nti, "Bantu mmwe mugamba nti Yesu yazuukira dda kati emyaka enkumi bbiri nga tewali wadde ekimu eky'okusatu abakimanyiko."

Ensonga eri nti mukyogerera mu ngeri yabuyigirize. Mwogera nga bwe mumanyi nga bwe mwayigirizibwa mu masomero.

Mu Kkanisa ya Katonda eno yonna, ng'obaze Abakatoliki, Obupolotesitante, bonna wamu, nga singa baali bafunye Omwoyo Omutukuvu, ensi eno yandibadde gguluggulu mu Bukristaayo; tewandibaddewo na bintu nga Nnaakalyako ani; tewandibaddewo na kulwanagana, oba obulabe, oba obukodo, oba obukyayi. Yesu yandibadde atudde mu Ntebe Ye era naffe twandibadde tutambulira mu lusuku lwa Katonda, nga tulina n'Obulamu Obutaggwaawo, okubeera abalamu emirembe n'emirembe; nga twamala dda okuzuukira mu mubiri omuggya, nga tutambulatambula okwetooloola obutaddamu kukaddiwa , obutaddamu kumera nvi, obutaddamu kulwala, obutaddamu kulumwa na njala; mu ssannyu lya Mukama waffe nga mwe tutambulira, nga twogera n'ebisolo. Oo, nga lunaku lwa muwendo!

47 Naye tukoze buli kimu kyonna ng'oggyeeko Ye kye…

Yagamba nti, "Mugende mu nsi zonna mubuulire Enjiri." Enjiri ekola ki? "Si Kigambo kyokka, naye okuyita mu kukola n'Amaanyi eby'Omwoyo Omutukuvu." Ekigambo kya Katonda bwe kirabika, eyo y'Enjiri.

Tosobola kukikola. Kati, ekyo Yesu Yakimanya, nga Yalina okubeera omulamu mu Kkanisa Ye. Era n'Akimanya nga twali baakubeera n'amasomero g'ebyamagezi. Kyokka ng'ate kino tosobola na kukifuna mu masomero ga by'amagezi. Gajja kubeera nga gakiwakanya. Kubanga, kyonna bo kye bamanyi, buyigirize bw'omuntu omu omugezi, kiyiiye, ekibiina ky'eddiini ekigunje kye baagala okubeera nakyo. baagala oku-okubeerawo olwa. Bwe kityo bajja-bajja kukuwagiikiriza mu ekyo obeere ekintu ky'omubiri ogwo, ow'Oluganda alyoke akunokolere ebintu okuva mu kikwate nga birabika ng'ebituukiridde. "Ekkanisa Entukuvu ey'ekitalo, nnyaffe, eyimiridde okumala akabanga, ayimiridde nga ngagga." Ne Setaani akozenga atyo; bamugobye kumpi buli wantu, naye akyayimiridde era akyagenda mu maaso. Yee, ssebo. Oo, bajja kugezaako okukunokolera bino byonna.

48 Yesu yamanya nga walibaawo okutambula kw'obuyigirize obw'ekitalo nga bwe kyali mu nnaku Ze, omwali eby'okunaabanga n'amatogero, ekkalaayi, awamu n'okwambala engoye, okukyusa ebitogi, na byonna nga bwe baakolanga, n'ebintu bino byonna bye baasobolanga okukola. Yamanya nga baali baakukikola, kye yava agamba nti, "Kati munnindemu katono. Siribaleka bamulekwa, Nkomawo gye muli. N'olwekyo," n'agamba nti, "Emirimu gye nkola Nze, nammwe muligikola."

Ekigendererwa kya Katonda okutuma Omwoyo Omutukuvu kwali kusigala n'akabiina k'abantu nga bamulabisa eri ensi. Ekyo bwe kiri. Si nakikwate, oba ekibiina ekigunje; naye n'Amaanyi g'okuzuukira Kwe, nga baleetera Ekigambo Kye okubeera ekyannammaddala; nga batwala n'ekisuubizo Kye, nga bayimiridde ku luuyi lw'abatono, okukkiriza Katonda; nga beekenneenya ebire ebikwafu bwe bidda ennyuma ng'ate Amaanyi ga Katonda gayingira ne gawamba. Amiina. Ekyo Ye ky'ayagala. Era ekyo kye kyatumisa Omwoyo Omutukuvu. Kye kyali ekigendererwa Kye okumutuma. Weewaawo tumanyi kati kyekiri era nga y'ensonga lwaki Yamutuma.

49 N'olwekyo, tewaaliwo musaayi mulala ogwandisobodde okutukuza abantu. Nnali sisobola kukutukuza,

naawe wali tosobola kuntunkuza, kuba ffenna twazaalibwa kuyita mu kwegatta kwa musajja na mukazi. Kyokka Yesu yazaalibwa awatali kwegatta, ekyo bwe kiri, n'Omusaayi Gwe gwe gwali ekitukuza. Ne Katonda Yakka wansi, n'Akola omubiri, n'agubeeramu, n'ayiwa Omusaayi olw'okutukuza kino, ekyamalirawo ddala okwesalira omusango olw'ekibi n'ekiswalo. Olwo, okuyita mu kukkiriza, ng'okkirirza mu ekyo, Katonda akka wansi mu muntu oyo, olw'okutukuzibwa kw'Omusaayi, ne kulyoka kumussa mu zzadde lya Ibulayimu olw'okukkiriza.

Okukkiriza ekyo nti Omusaayi ogwo galijja, Omusaayi omulongoofu ogwalina okubeera ng'ekyamagero ky'ogugwe, bwe yatambula eyo nga tewali njawulo n'afudde." Yakkiriza Katonda okumala emyaka abiri mu etaano nga ye wa myaka nsanvu mu etaano egy'obukulu wabula n'akkiriza Katonda okutuusa nga wa kikumi. Nga ne Ssaala wa myaka nkaaga mu etaano; n'akkiriza okutuusa nga wa kyenda. Naye nga talina njawulo n'afudde.

Ne Katonda n'agamba nti, "Kiriba kizibu abantu obutakimanyako, era kaakano mwambuse wano ku lusozi omuweeyo nga ssaddaaka."

50 N'alyoka agamba abaddu be nti "Mmwe mubeere wano n'endogoyi, mutulinde, nange n'omulenzi tunaagenda wali, ne tusinza ne tudda gye muli." Kale, agenda kukikola atya?

Ibulayimu yagamba nti, "Nnamufuna kumpi nga ndi mufu. Era mumanyidde ddala ng'eyamumpa, kumpi ng'amuggye mu bafu, ajja kumuzuukiza singa nkwata Ekigambo Kye; Ye Asobolera ddala okumuzuukiza mu bafu."

Ng'ayogera ku Kristo yennyini! Wuuyo awo. N'okuyita mu katoffaali ako mwavaamu Omwoyo Omutukuvu, eyali asibiddwa mu mubiri oguyitibwa Yesu. Omusaayi ogwo gwanaaza ekkubo, olw'okukkiriza, ayiteyo abanunule oba Abalonde ba Katonda. Ekyo bw'obeera ng'okikkiriza, Omwoyo Omutukuvu aba aggyeemu obwa sitakange mu ggwe, n'Ayingiramu, Katonda yennyini, okukola okwagala Kwe.

Eruuyi eno, Mukama wange oyo sitakange aloopereza, kyokka ate gundi ne gundi akola ekintu kino ne kino; namukadde ono ayogera, era tekiri bulungi. Omuntu ajjuziddwa Omwoyo Omutukuvu, ye Ayimirira mu maaso okukyolekera. Amiina.

51 "Era baakyekuuma. Baali tebaayigirizibwa ate nga tebamanyi kusoma, naye ne babategeera okuba nga baaliko ne Yesu." Ekyo kye kyaleeta Omwoyo Omutukuvu.

Namukadde omuvubi, musajja wattu nga tasobola na kuwandiika linnya lye. Kyokka yasobola okuyimirira awo n'agamba nti "Tunakkiriza ani, omuntu oba Katonda?" Amiina. [Ow'Oluganda Branham akuba mu ngalo omulundi gumu. -Omuk.] "Leka kimanyike gye muli, tujja kusigala nga tubuulira mu Linnya lya Yesu." Abange, nga bwali buvumu! yali-yali amanyi ng'alina amaka waggulu eyo. Ekyo kituufu. Wano ye mutambuze ate omugenyi. Yali anoonya ekibuga ekigenda okujja.

Omunnanfuusi kabona yali kiki gy'ali? Yali wansi w'obufuzi bwa Katonda owe Ggulu, oyo eyali azuukizza Omwana We, Kristo Yesu, ng'amujjuza Omwoyo gwa Katonda eyakola eggulu n'ensi. Awo nno w'oli. Nga tatiisibwatiisibwa. Nedda, ssebo. Kufa...

52 Lwaki, bwe baatwala nnamukadde Suteefano ebweru eyo, ne bamugamba nti, "ekyo kiveeko!" yabaddamu nti "Mmwe ab'ensingo enkakanyavu era abatali bakomole mu mutima awamu n'amatu, bulijjo muziyiza Omwoyo Omutukuvu. Nga bakitammwe bwe baakola, bwe mukoze nammwe."

Bamugamba nti, "Tujja kukukuba tukutte!"

N'abagamba nti, "Ekyo temwandikikoze singa mwali…?"

"Tugenda kukulagako oba nga tukisobola oba nedda!" ne balyoka bakwata agayinja aganene ne batandika okumusekula ku mutwe.

N'alyoka atunula waggulu, n'agamba nti, "Ndaba ng'Eggulu libikkuse, eddaala ndaba nga likka. Ndaba nga Yesu ayimiridde ku mukono ogwa ddyo ogw'ow'Obuyinza." Era Baibuli tegambangako nti yafa; yeebaka bwebasi. Oo, abange! Nsobola okulaba Malayika ng'akka wansi, okumusitula nga bw'amusiisitira, nga maama, okutuusa lwe yeebaka. Oo, abange! Mazima ddala.

Ekyo kye kigendererwa ky'Omwoyo Omutukuvu. Katonda ekyo kye Yatumira Omwoyo Omutukuvu.

53 Omwoyo Omutukuvu ajja okukuwa Amaanyi. Wano nkyalinawo Ebyawandiikibwa ebirala, mu Ddakiika nga emu. Omwoyo Omutukuvu yajja okukuwa Amaanyi. Nze- Nze sisobola… naawe kino osobola okukyezuulira; nninga ataliiwo ekiro kino. Okukuwa Amaanyi, Amaanyi mu kusaba!

Funa omuntu eyabeera mu bulamu obulungi, naye buli kaseera bawangulwa. "Oo, mbabuulira…" Muntu mulungi, "Oo, mazima, njagala nnyo Mukama, ow'Oluganda Branham." N'essaala zaabwe

teziddibwamu nga buli kaseera bawangulwa.

Lumu jjuza omukyala oyo omuto Omwoyo Omutukuvu, olabe kiki ekibaawo. Bw'agenda mu maaso ga Katonda, tawangulwa. Ajja butereevu ku Ntebe ya Katonda, nga akkiriza nga alina olukusa kubanga muwala wa Katonda, olw'Okuzaalibwa.

Ate era omusajja oyo omuto, oyo omutiitiizi ennyo, nga Mukamaawe buli kaseera amwekaalisizaako buli wamu. Agamba nti, "Lindako eddakiika." Waliwo ekintu ekyakyuse, olaba, alina Omwoyo Omutukuvu. Akuwa Amaanyi. Obulamu bwo bubeera bujjude Amaanyi.

54 Ye Akuwa Amaanyi mu kwogera.

Lwaki, abange, abantu abo abaali batidde, nga bayimiridde eyo ebweru; Peetero, Yakobo, Yokaana, Lukka na bali bonna abalala. Baali babadde mu kisenge ekya waggulu, nga bwe bagamba nti, "Oo, tetuyinza kwogera nate. Mmwe mulabeeyo, waliwo Dokita gundi ne gundi ate ne gundi eruuyi eyo. Waliwo omuyigiriza gundi ne gundi. Mumanyi, ng'alina ddiguli z'essomero nga nnya; tunaayimirira tutya okumuwakanya?" Peetero n'agamba nti, "Oo, nzijukira lwe nnaguza omusajja oyo eby'ennyanja. Ye, n'ayogera, era ssaamanya na kumanya na kiki kye yali ayogerako. Nga nnali sisobola na kumuwakanya." Naye kiki…

"Tukole ki, ab'oluganda?" "N'agamba nti, 'Mulindeeko.'"

"Kale, nno wano tumazeewo ennaku nnya." "Mwongere kulindirira."

"Kumala bbanga ki?" "Okutuusa." "Kale, Yagambako nti kiribeerawo ku lunaku olw'okutaano?"

"Teyatuwa bbanga. Wabula Yagamba nti, 'Okutuusa'."

Kale, ne bagenda mu maaso okulindirira. Kya kutwala bbanga ki? "Okutuusa." Ennaku munaana ne ziyitawo. "Okutuusa." Ennaku mwenda ne ziyitawo. "Okutuusa."

55 *Era ku nkomerero olunaku lwa Pentekoote bwe lwali lutuukidde ddala, bonna baali mu kifo kimu era nga bali mu bumu.*

Katonda yali abadde waggulu waabwe, mu kire ekimasamasa; Katonda Yali Atambuddeko nabo, ku nsi; wano kati waaliwo ekintu ekyali kigenda okubeerawo. Waliwo ekiteekateeka okubeeraawo akaseera konna.

… bonna baali mu kifo kimu, mu bumu.

Amangu ago okuwuuma ne kuba mu ggulu nge…. empewo ewuuma n'amaanyi ne kujjuza ennyumba yonna mwe baali batudde.

… ennimi ng'ezomuliro… buli lulimi ne lutuula… ku bo. Olulimi kye ki?" "Zeeyawuddemu" Nga banaanaagira, wali owuliddeko omuntu anaanaagira? Bakola, "uh-uh-uh, oh, uh-uh," mulaba, tebalina kye bayinza kwogera. "Ennimi, nga zeeyawuddemu." Nga ekinuulo ky'ensolo ekyeyawuddemu, kitegeeza ekintu "ekyeyawudde, ekyawuddwamu." Baali teboogera.Wadde okujoboja. Tebaaliko kye bakola wabula okuleekaana obuleekaanyi.

Ennimi ng'ezomuliro ne zituula ku bo, nga ziringa muliro. (Abange, nga tebasobola ku kyebeera!)

Bonna ne balyoka bajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu….

Wuu!

56 Awo kiki ekyabaawo? Bonna na bafuluma mu nguudo. "Omuyigiriza Jones olwo ali ludda wa. Munnafe oyo ali ku ki? Naggwano oyo eyasoma ali ludda wa?"

"Katonda Yali waggulu waffe, ng'Ali ne Musa, mu kisaka ekyaka; n'Atuliisanga n'emmaanu, okuva Waggulu. Yatambula naffe okumala emyaka esatu n'omukaaga…Emyaka esatu n'emyezi mukaaga, wano ku nsi. Naye kati, ali mu nze. Sinze ayogera; ye Ye. Mmanyi ky'Ali ate nga mmanyi ne kyendi. Ssi kyali nze wabula Ye."

Mumulinnyise wano! *Abasajja Abaisiraeri…. Mmwe abatuula mu Buyudaaya, kino ka kimanyibwe gye muli- kimanyike gye muli, era Muwulirize eddoboozi lyange, babuulizi mmwe awamu nammwe abayigirize.*

Wuu! Abange! Amaanyi g'okwogera! Oo! "Bano tebatamidde!" ng'okozesa abo abatono, baali nga kikumi mu abiri nga bawakana n'abantu ng'omutwalo mulamba n'okusingawo.

…. bano tebatamidde, nga mmwe bwe mulowooza; kubanga ye ssaawa ey'okusatu ey'emisana.

Nze ndi mubuulizi w'Enjiri ejjudde. Naye ekyo kye kyayogerwa nnabbi Yoweeri;

…awo olulituuka mu nnaku ez'oluvannyuma, bw'ayogera Katonda, Ndifuka …Omwoyo gwange(wuu) *ku bonna abalina omubiri: abammwe…*Mulabye Malyamu ng'azina mu Mwoyo, era ng'ayogera ne mu nnimi nga bwabiddiŋŋana?*... ku bonna abalina omubiri….*

….ne ku bazaana bange ndifuka …. Omwoyo gwange; … [ow'Oluganda Branham akuba mu ngalo emirundi esatu.]

…. Ndyolesa eby'ekitalo mu ggulu era ne… mu nsi wansi… omusaayi, n'omuliro, n'empagi z'omukka:

Olwo, Katonda yalinga mu bantu Be. Amiina.

57 Kale, kati, ggwe ddiguli ki gy'olina? Wa, era ssomero ki gye wasomera?

"Kati ekyo tekirina na njawulo gye kiteekawo." Oo, olwo n'atandika okuyiwawo Ebyawandiikibwa.

Dawudi yamulaba! …. Mukama ennaku zonna ng'ali mu maaso gange… nneme okusagaasana:

… omutima gwange kye gwava gwesiima, kubanga…. N'olulimi lwange ne lusanyuka;

…. Tolireka mmeeme yange mu Magombe, so toliwaayo Mutukuvu wo okuvunda.

Ka njogere n'obuvumu ku bya jjajjaffe omukulu Dawudi nti yafa n'aziikibwa, n'amalaalo ge gali naffe … ne kaakano.

Era okuyita mu nnabbi… yalaba okujja kw'Omutukuvu. …. *Kale mazima bamanye ennyumba yonna eya Isiraeri nti Katonda yamufuula Mukama era Kristo, Yesu oyo gwe mwakomerera!*

"Abasajja ab'oluganda tunaakola tutya?"

…n'agamba nti, Mwenenye, mubatizibwe buli muntu mu mmwe okuyingira mu Linnya Lya Yesu Kristo okuggibwako ebibi byammwe, munaaweebwa ekirabo gwe Mwoyo Omutukuvu.

Kubanga okusuubizibwa kwammwe era kw'abaana bammwe, n'abo bonna abali ewala, bonna abaliyitibwa Mukama Katonda waffe. Amiina.

58 Kasita Katonda abeera n'abantu, Katonda abeera alina ekkanisa nga n'Omwoyo We nga Atambula nayo Katonda ekyo kye kyamuweesa Omwoyo Omutukuvu. Abasajja abagezigezi bajja kugolokoka; era nga bwe babaddenga. Wabula Katonda alina abatono Be awantu awamu. Katonda alina akakanisa akagenda okutambula n'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, nga babanja Ekitangaala. Era mu bujulizi bwabwe, Katonda agenda kusalira ensi eno omusango.

Baibuli teyogera nga Yesu yagamba nti, "Balina omukisa abalongoofu mu mutima; abo baliraba Katonda"? era tegamba nti, "Abatuukirivu, abatukuvu be balisalira ensi eno omusango"? [Ekibiina ne kiddamu "Amiina" - Omuk.] Mazima.

Obujulizi bwo leero bulireeta omusango eri ekibuga kino. Obujulizi bwaffe obw'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu n'Amaanyi ga Katonda, obulamu obutukuvu, bulireeta omusango eri ekibuga kino. Kino bwe …

59 "Ab'olubereberye balibeera ab'oluvannyuma; ate ab'oluvannyuma balibeera ab'olubereberye." Setaaga kumanya bya Sankey ne Moody, mu kuzuukira kwabwe. Era tebagenda kumanya kwange, ku kino. Kyokka mu kino mwe ndiyimirira okuwa obujulizi, ate era naawe.

Okuyita mu ekyo, okuyita mu kusuula Ekitabgaala kyo n'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, n'obulamu bw'obaddemu, n'ebintu Katonda by'Akoze okukakasa nti Atambulira wano; olwo bo n'abayivu baabwe ne beeyongerayo okukivaako; abo balisalirwa omusango n'abatukuvu. Gwabasinga dda. Gwasalibwa dda Oo, abange!

60 nali nga njogera ku maanyi g'okusaba, Amaanyi g'okwogera, Amaanyi g'obulamu obutukuvu. Amiina. Ekyo Omwoyo ky'alina okukola.

Bantu mmwe abatera okutambula nga bwe mugamba nti "Weewaawo nze sisobola kulekayo kunywa mwenge. Era nze kino sisobola na kukivaako."

Omwoyo Omutukuvu ajja kubeera mu ggwe, okukuggyamu bino 'tebisoboka'. Ekyo bwe kiri. Aleetere bakazi obutaddamu kusalako nviiri zaabwe, era balekere awo okwambala ebinu, ne bukacupa. tewaba na kwewolereza. Nga baleseeyo okukola eŋŋambo. Oo, yee, kye kyo ekimubeezaawo, kwe kufuula obulamu bwo obutukuvu. Bujja kubeera bugoberera Baibuli buli kaseera.

Omukazi yagamba nti, "Ebbugumu lingi nnyo; kyenva nnina okwambala obwambazi buno. Kinnumya

omutwe bwe nkuza enviiri zange."

Kino tekiba kya kwekwasa bw'obeera n'Omwoyo Omutukuvu. Ekimubeezawo kwe kukola ekyo. Ajja kugoberera Ekigambo mu bulamba. Ekyo Omwoyo omutukuvu ky'Alina okukola.

Kwe kukusobozesa musajja ggwe okukyusanga omutwe gwo ogujje eri bakazi abambala obukunya, era olekere awo okubaakirako, ne ba mmemba b'ekkanisa. Ekyo ky'Alina okukola.

61 Kwe kulekayo okufuuweeta sigala oba okunywa mwenge, obeere… oyagala kubeera omunene. Ajja kukikuggyamu. Bw'onogezaako okukikola, ajja kukukakkanya. Ekyo kye kimubeezaawo. Lwa bulamu obulongoofu. Ekyo bwe kiri. Akuleseeyo olugambo. Akuleseeyo okuzannya amatatu, okuzannya zzaala, na buli kintu ku by'otera okukolera mu busondasonda.

Nja kukulesaayo okukolakola ebyo by'ogenda okolakola, nga toli mwesimbu eri mukyala wo. Ekyo ky'Ajja okukola. Ekyo. Ekyo bwe kiri. Ajja kukulesaayo okwagala okuwasa muka musajja. Ekyo kituufu ddala.

Ekyo ky'Ali. Kijja kukuyamba okubeera mu bulamu obulongoofu. Ky'ekyo lwaki Omwoyo Omutukuvu yaweebwa, "okuteeka ebirowoozo byo ebirowoozo byo ku bintu eby'omu Ggulu," awo Katonda w'Ayimirira…?... Endowooza ya Kristo mu ggwe. Tosobola kwewala kulaba bintu ebyo; nga ne bw'obitunulako, okyusa omutwe gwo. Ekyo bwe kiri. Bya kukufuula ggwe.

Ogamba nti, "Sisobola kukikola. Oo, sisobola na kukigezaako." Mazima ddala tosobola. Naye Omwoyo Omutukuvu Yajja olw'ekigendererwa ekyo. Ekyo kye Yakola. Yajja kubikuggyamu, na buli muze omukadde gwonna gw'okola ggwe.

Okugeya kwo kwonna ng'akwawula, n'ebyo by'oyogera nti, "Katonda agulumizibwe, ndi Mumesodisiti, sirina kakwate na bamutukuvu yeevulunga abo abatuleekaanira." Omwoyo yajja kukuggyamu ebyo.

62 "Ndi Mubaputisiti. Ndi Mupulesibeteriyani. Sisobola kugenda mu kabinja ka bamutukuvu yeevulunga." Omwoyo Omutukuvu yajja okukuggyamu oyo kakikya yenna. Ekyo kye Yakola. Bwe yakunaaza mu Musaayi; n'Akugololamu enfunyiro. Ekyo kye Yajja okukola.

Yajja kukuteereeza. Yagamba nti, "Ebifo ebitali bisende biritereezebwa." Ekyo kye yajja okukola, kugolola. " Okufuula ebifo ebigulumivu abiseeteeze; ensozi zonna azifuule zirabike ng'endiga ento eziri mu kuzina, nga n'ebikoola byonna bikukubira mu ngalo. [ow'Oluganda Branham akuba mu ngalo emirundi ena. -Omuk.] ennyonyi ziyimbe mu ngeri ey'enjawulo. Ebide eby'essanyu bivuge. Tewaaliwo bya kwekwasa. Ekyo kye Yajja okukola. Eyo kye kigendererwa kya Katonda eky'okutuma Omwoyo Omutukuvu, asobole okukola ebintu bino, emirimu gy'oteekwa okukola … otambule ng'omuvaako emabega.

63 Kaakano, ssaagala kubalumya, era nnabagambye nti ndi wano n'omutima omwesimbu ddala. Nneme okubasuna, nga olumu nnyinza okuva mu lunyiriri awantu awamu; n'okusigala n'Amazima; naye nga nsigala awo n'okukakasa nti nkikola mu ngeri etabalumya nnyo.

Naye njagala mbeeko kye mbagamba. Baibuli bw'eba egaana omukazi okusalako enviiri ze, ggwe ng'ogamba nti olina Omwoyo Omutukuvu ate n'ozisalako, nze mba nneewuunya obanga ddala omulina. Togwa ddalu; bwe kiba kityo, ekyo kiraga nti waliwo akalambe akalala akakuliko mu bukyamu.

64 Baibuli bw'egaana omukazi, okwambala ekyambalo ky'omusajja, ate ggwe n'oyambala bi ovulo ebikadde, ne buseruwale mu nguudo eyo, naddala mmwe abakazi abakulu! Kale omwana omuto kyandibadde… kintu, baba bakyazannya n'obulenzi n'ebintu ng'ebyo. Kati, laba bw'oba- bw'oba omukazi omukulu, myaka nga kkumi n'etaano, na mukaaga, na munaana okutuukira ddala ku bajjajja abakazi, ebweru mu nguudo! Ate ne Baibuli yagamba nti, "Kya muzizo mu maaso ga Katonda," omukazi okwambala ebintu bino. Ate ggwe obyambala, wabula n'ogamba nti olina Omwoyo Omutukuvu? Olumu nneewuunya. Omwoyo Omutukuvu agenda kugoberera Ekigambo okutuusa ku kisembayo.

Era Omubuulizi ku kituuti atalina kisa kimala okubuulira ebintu ebyo, mba mbuusabuusa, okubeera ng'amulina. Ekyo bwe kiri. N'olwekyo ekyo kye kibeezaawo Omwoyo Omutukuvu.

65 Alina okuwa Omubuulizi obukwakkulizo obw'okugoberera. Waali okuwa obutukuvu eri ekibiina. Waali okussa ekibiina mu nteekateeka ennuŋŋamu. Waali okuleeta obumu n'Amaanyi. Waali okutugatta awamu mu kwagala, okwagala kwa b'oluganda.

Sifaayo oba ng'oli Mumesodisiti, oba Mubaputisiti, Mupulesibeteriyani, Mu Luther, kyonna ky'oli, bwe tubeera nga ffenna n'Omwoyo omu twabatizibwa okuyingira mu Mubiri tuba twafuuka bitundu ku mubiri gwa Yesu Kristo. Tewaaliwo… tewali biriwo, wadde eby'omu maaso; njala, kubulwa kya kulya; ekiyinza okutwawula n'okwagala kwa katonda, okwagala kwa Kristo, "Kwe kwagala kwa katonda okuli mu Kristo," kubanga tuba tuzaaliddwa n'Omwoyo We, nga tunaaziddwa n'Omusaayi Gwe. Nga tuli bitonde biggya. Ekyo kye kyaleeta katonda okukola. Ekyo kye kibeezezzaawo Omwoyo Omutukuvu. Yee, ssebo. Kye kiikyo.

66 Kaakati, bantu mmwe, muntunuulire mu bwenyi. Emikono mingi egyagenze waggulu, nga mulina Omwoyo Omutukuvu; mulaba, mazima waabaddewo. Oo, Kati ŋŋ-ŋŋenda ku kubuukamu wano katono. Bino biri mu kukwatibwa ku ntambi. Naye tugenda ku kifuna mu bujjuvu enkya.

Bw'ogamba nti omulina, kyokka nga bino bikumegga, mba nneewuunya ekikukulembera. Katonda tasobola kukukulembera okuva ku Kigambo. Ye Ajja kukukuumira ku Kigambo, 'kubanga ago mateeka ga Katonda gennyini, ag'ekkanisa Ye, ey'abantu Be, ey'abakazi, era n'abasajja.

"Kale," ogamba nti, "tekinkosa okukola ekyo oba kiri." Tekinkosa? Ekigambo kigamba nti kikosa.

Omwoyo Omutukuvu bw'abeera ng'Ali mu ggwe ajja kukukulembera eri Ekigambo. Tewajja kubaawo byekwaso byonna. Katonda teyeejjulula oba okwekwasa. Ateekawo akalambe awo w'olinnya ekigere kyo. Kye kyo. Ekyo ky'Ali eri buli muntu. Mujja mu ngeri y'emu.

Peetero yagamba nti, "Mwenenye buli muntu mu mmwe; mubatizibwe okuyingira mu Linnya Lya Yesu Kristo okuggibwako ebibi byammwe, olwo mujja kuweebwa ekirabo ky'Omwoyo Omutukuvu." Mulaba? Bwe kityo bwe kiri. Ffenna tulina kutuukira ddala ku musittale ogwo.

67 Kaakati, Ssitegeeza kubalumya; mbaagala nnyo. Naye muganda wange, mwannyinaze, okyetegereza, n'o… nti mmanyi nti nnina okuyimirira mu nnaku ez'oluvannyuma ku kuzuukira okwo, n'omulembe guno ogw'abantu nga bano, mpe embalirira y'Ekigambo kino? Nga n'Omwoyo Omutukuvu alaga kino, ate nga nkibuulira emitala eyo gye mugenda okuyimirira? Ogenda kukisomoka otya? Temulina kye mugenda kukola mikwano. Tokigeza. Kati ekyo kireke mbagirawo. Buli ekikyamu ky'obadde okola, kireke.

Ogamba nti, "Sisobola." Ekyo kiba kitegeeza nti tonnafuna kinyusi kyakyo, mu ggwe. Kuba Omwoyo Omutukuvu bw'Ajja mu ggwe, Akuwa Amaanyi okuwangula ensi. Kale olwo, bw'oba… Wuliriza kye yagamba nti, "Bwe mwagala ensi, oba ebintu byayo, kiri lwakuba okwagala kwa Katonda tekuba mu ggwe." N'olwekyo tewabaawo na byekwaso. Akifuula ekyo ekitegeerekeka, era awo w'alambye we tulina okutuuka.

Kati mmanyi, mulowooza ng'akambuwadde, kale nkambuwala ku lw'ekituufu. Mulaba? Muwulirize. Ekyo kituufu.

68 Kaakati jangu wekiri, muganda wange, mwannyinaze.

Toganya abayivu bano okuva mu masomero ageetoloodde wano babeeko kye bakugamba, "Oo,ebyo ebintu eby'ebikadde nnyo."

Bwe biba nga bintu bikadde nnyo, ne Katonda mukadde nnyo, nange ndi mukadde nnyo. Amiina. Njagala kubeera nga Ye. Lwaki? Kubanga Omwoyo Omutukuvu ali mu nze, antaddemu enjala n'ennyonta agamba nti ebyo byonna bikontana n'Ekigambo…

Abantu bwe bagamba nti, "Tekirina mutawaana omuntu bw'azannya matatu okwesanyusaamu oba okuzannya zzaala w'ebinusu, gumu oba ebiri. Tekirina buzibu." Katonda Ye agamba nti sikituufu

"Singa onywako ku ky'okunywa ekitamiiza, obw'olumu n'otamiiramukko katono." Kyokka Katonda Yagamba nti, "Zimusanze."

Oo, ggwe ogamba nti, "kirungi ow'Oluganda Branham. Nze- Nze nsalako enviiri zange olw'ekintu ekyannammaddala. Ggwe omukazi omanyi, ndaba n'abakazi abalala bakikola." Sifaayo ku kiki abakazi abalala kye bakola. Abo sikyakulabirako kyo, oba si be bakama bo. Bw'oba olina Omwoyo Omutukuvu mu ggwe, ojja kugoberera ebiragiro Bye Sinsonga abalala bakwogerako ki.

"Kale, ow'Oluganda Branham, Ebbugumu lingi nnyo, kyenva nnina okwambala obugoye buno obutono." Ggeyeena eyokya okusinga Ebbugumu ly'oyogerako, mwannyinaze. Ekyo ka nkikugambe. Era ekyo ggwe-Tokigeza. Kijjukirenga.

69 Omwoyo Omutukuvu bulijjo ajja kukukulemberanga eri Amazima era nga n'Amazima Ge kye Kigambo. "Ekigambo kyange ge Mazima. Leka ekigambo ky'omuntu bubeere obulimba, naye ekyange gabeere amazima." Era lowooza bulowooza ku "ky'omuzizo." Oyinza okukirowoozaako ekyo?

Kino kigambo ekivuma omuweereza okukyogera, naye ŋŋenzeeko mu bisenge ebiwummulirwamu nga bamala ga… Ng'oyinza n'okufulumamu n'ogenda, nga kumpi, byonna biri bityo… ebifaananyi ebikyafu ebitimbiddwa ku bisenge. Ne ndowooza nti "Mu nsi abantu nga basse nnyo?" nga biwunya! Kale, bwe ŋŋenda mu bifo ng'ebyo, mbaddenga ndowooza, "Nga kuwunya okuteebereka! Waakiri…Munda omwo, nga nkwata ne ku nnyindo zange bwenti, n'okunaaba engalo zange. Nga ndowooza nti bwe n'addamu okukwata ku munyolo gw'oluggi, obukyafu bw'endwadde z'ekikaba bugenda ku nkwata, n'ebintu ebirala. Olwo ne ndyoka ndowooza "Oo!"

Olumu bwe nnali nga nnyimiridde ku kisaawe ky'ennyonyi, mu bimu ku bifo bye nnagendamu, oba

ebifo ebiri okuliraana eggaali y'omukka w'eyita, nnagendamukko. Olwo, ne ndyoka ndowooza nti "Oo, ekisa."

Waaliwo ekyaŋŋamba nti "Bw'etyo ensi bw'ewunyira Katonda. Kyamuzizo."

70 Ne ŋŋamba mu nze nti bwe ndaba omukazi mu luguudo emmanga eyo, nga yeekoze ebintu ng'ebyo, ng'ayambadde ne byambalo by'abasajja, bwe kityo n'ensi bw'erabika eri Katonda. Kintu kyamuzizo, ekikyafu ng'ate kuwunya, mu maaso ga Katonda. Oyo ate ng'agenda ne ku Sande okusaba nga yenna yeebyudde.

Wagenda kukkirira omusajja, ng'atamidde, nga si mwesigwa eri mukyala we, ayagala nnyo ssente, n'ayagala ne muka muliranwa, na buli kintu kyonna, asobola okufuna ensimbi ezissusse asobole okukola ebintu nga bino, okuzannya zzaala, okufuweeta sigala, okunywa omwenge, okulimba, ate n'agenda mu Kkanisa n'awa n'obujulizi! Eky'omuzizo! Obuggwenyufu! Eyo y'ekkanisa engezigezi.

Ogamba nti, "Kale, nze nnina ekkanisa yange." Yee, era ekkanisa k'efulumeko wabweru eddakiika kkumi na ttaano, ng'abadikoni bonna na buli muntu yenna nga bafuuweeta sigala, n'omusumba okwo, nga temuddayo mu kusaba okuddako. Mbuulira! Weyawulire ddala ku buli kintu ekitali kirongoofu.

"Yonoona omubiri; nja kuguzikiriza." Katonda yagamba nti Ajja kukikola.

71 Era olwa leero, Kkookolo atta abantu nga kyenda ku kikumi n'okusobamu, ow'emimiro, n'amawuggwe nga biva ku kufuuweeta sigala. "Yonoona omubiri; nange nja kuguzikiriza." Naye bambi bagenda mu ggeyeena, nga bagenda beevulungula batyo wabula nga tebamanyi.

Ng'omubuulizi ayimiridde mu kituuti ne ddiguli nga nnya, okuva mu ssomero, ng'afuuweeta sigala. Ka mbeeko kye mbagamba, ab'oluganda. Omwoyo Omutukuvu yasindikibwa okukkwakkula abantu okuva mu ebyo. Weeyawule!

Ekigambo kkanisa kitegeeza "okubeera nga weyawudde." "Muve wakati mu w'abo, mweyawule." Baibuli bw'egamba. So temukomanga ku kintu ekitali kirongoofu. Nange ndi basembeza.

Era nange naabeeranga kitammwe, nammwe munaabeeranga gye ndi baana ab'obulenze n'abobuwala." Oo, abange! Ssitegeeza kubeera eyeeyagaliza naye ntegeeza bwesimbu era ow'amazima. Yee, ssebo. Oo, nga kyamutawaana!

72 Abasajja n'abakazi olwa leero wa we tuyimiridde? Leka tulekere awo.

Ekiro kiri, kumpi n'akatebe akakadde eyo mu kisenge, (Nze nteekwa okufundikira) ku ntebe etuulwako abantu babiri. Bwe nnali nga mmaze okusabira ennaku bbiri oba ssatu, olwo ne ndyoka nnyingira mu kifo ng'ekyo, awo wonna nga ndowooza nti "Ai Katonda," okutuusa bwe nnatuuka mu kifo ng'ekyo nga simanyi na kyakukola. Ne ndyoka ŋŋamba nti, "Katonda wange tuli ku nkomerero y'oluguudo. Ekyo ntegedde nga mbadde nkisuuliridde. Nga nfunye n'amasimu okugenda mu maaso naye nga ndi mukoowu era ne sisobola na kukola." Ne ndowooza olwo nti nsobola okulaba Mukama wange ng'Atagalira mu kizikiza ebussukka, bwe yali Akooye nnyo nga n'okusitula ekigere okukizza ekirala wekibadde nga kizibu, naye era teyali nnyo. Yayimirira olw'omukazi w'omu kibuga Nayini olw'akalenzi akaali kafudde; okutuusa bwe yagenda n'Akwata ku buuma kwebawitulira omulambo, n'Akozesa otwanyi otutono twe yali Asigazza okukazuukiza. Kale, nnakooye ntya? Kati kizibu ki kye nnina nze, Mukama? Wano wendowooleza nti "Kale, kirabika obukadde bunnyingiridde. Nga- Nze sikyasobola ku kikola."

73 Waaliwoko Musa, ng'aweereza Katonda ono yennyini gwe mpeereza ng'ayimiridde emitala, ku myaka kikumi mu abiri egy'obukulu. Waaliwoko ne Kalebu, ng'akyayimiridde eyo nga wa myaka kyenda n'ekitala mu mukono gwe nga bw'agamba nti "Yoswa yateeka ekitala kino mu mukono gwange, emyaka ana egiyise." Mu kiseera ekyo nga wa kinaana." N'agamba nti "Nkyali musajja mmekete nga bwe nnalinga edda." Amiina.

Ne ŋŋamba nti "Mukama nsaasira."

Ne ŋŋamba nti "Kale, mulabe wano, bulijjo…." Olwo ne nkwata mukyala wange (ali emabega eyo) ku mukono ne tugissa ku Baibuli eno awamu n'eyiye, ne ndyoka njogera nti "Mukwano mbadde ndowooza bukyamu. Omwoyo Omutukuvu ali mu ku Nsalira omusango munda yange." Ne njogera nti bwe ndowooza ku bukamuje emitala eyo. Nzijukidde ku Hattie Wright emabega eyo, n'obulenzi obuto. Bwe ndowooza ku katonda kye yakola, ng'Alaga nti Ye Katonda, asobola okutonda." Aleeruuya!

Ne nzijukira ng'ekyo akiŋŋambye emyaka egiyise, 'sikulekenga. Sikwabuulirenga. Teri muntu agenda kuyimirira mu maaso go, ennaku zonna ez'obulamu bwo nja kubeera naawe. Ne mukono guno ogw'okwawula Emyoyo nti kijja na kutuuka ekiseera omanye ebyama by'omu mutima. Okuva awo kijjanga kweyongera kulinnya.' Emyaka egyaddako ne kutuukira mu nsi yonna. Kati laba na kino ne kijja, obuweereza obw'ekitalo, nga bukisingira wala."

Ne mugamba nti "Mukwano nkute omukono gwo. Olw'omukono gwa Katonda n'ekisa Kye, tondekanga kulowooza bubi nate. Ka ntambule n'okudda obuggya kuno nga mbuulira nga bwe sibuulirangako. Ka nsooke ŋŋendeko wano mmale okwetukuza okutemera abantu ekkubo; nti ebibi byange, n'obutafaayo bwange mbuteeke wansi w'Omusaayi, nsobola okufulumayo nga bwe ŋŋamba nti 'Bantu mmwe mungoberere'." Ekyo bwe kiri.

Nkyawa okulaba omusajja agamba nti "Genda okikola." Nnyumirwa nnyo okulaba omuntu akulemberamu okulaga engeri y'okukikolamu. Yee, ssebo.

74 Lumu wano ebiseera ebiyise, twafuna omuliro ogwayaka mu kibuga kino emmanga eyo, kampuni y'amafuta eya Pfau bwe Yakwata omuliro neebengeya. Mu biro ebyo waaliwo ekitongole ekizikiriza omuliro mu Joffersonville. Era mukwano gwange, nga musajja mulungi, yali takolangako ku muliro munene ng'ogwo, yali atambulamu awo, nga bw'agamba nti "Balenzi mufuuwe amazzi matonotono wano. Mufuuwe amazzi matonotono na wano."

Ne walyoka wajja ogumutoka gwa Clarksville okuva engule eno, nga bwe gukuba eŋŋombe nti 'dingi, dingi, dingi, dingi," ku mbiro nnyingi. N'agamba nti omukulu w'abazikiza emiriro, n'alyoka abuukako n'agamba nti "Fuuwa amazzi matonotono wano, ggala eddirisa eryo ate era ofuuwe amazzi amatonotono na wali."

Naye ebissukka bw'omugga, ne wavaayo abasajja abakenkufu mu kuzikiza omuliro mu Louisville. Olwayingirawo, okwali n'eddobo, tewali kussa mukka okutuusa nga n'eddaala balitaddewo nga n'akulira ali eri ku ntikko waggulu. Eddaala bwe lyayambusibwa n'akasuka embazzi ye ku ddirisa n'alikuulamu nga bw'aduumira nti "Balenzi mmwe, nnyo nnyo!" ekyo kye kyamala. Omuliro amaanyi ne gaguggwa mu Ddakiika ntono.

Sikugamba nti "Fuuwa wano amazzi amatonotono. Fuuwa na wali matonotono." Ekyo kikuleetera okulowooza ku babuulizi bano abayivu.

Mujje nange! Tugende ffenna! Mmanyi ng'ago Mazima. Ngalozezzaako era ne ndaba. Ekitiibwa! Omwoyo Omutukuvu mutuufu. Katonda mulungi. Togezaagezaako wano na wali; ka tutambulira okuyingira mu Ye! Ali wano. Aliwo ku lulwo. Katonda Yawa Omwoyo We eri Ekkanisa Ye. Si kufuuwa kino wano, na kufuuwa wali; tojja kubaako kikolebwa. Akulembeddemu! Amiina. Uh! Wuu! Takyasobola na kulabiramu. [Ow'Oluganda Branham aggyako gaalubindi ze ezisoma-Omuk.]

Amiina! Mugenda kukola ki?

75 Buli ali wano alina kyajjuziddwa. Kati ŋŋenda kumaliriza; oluvannyuma lw'ekyo ntekwa.

Olina ky'ojjudde. Tosobola na kutuula awo nga tolina ky'ojjudde. Olina obulamu mu ggwe. Obulamu obwo bwe bukufuga, era bufugibwa n'omwoyo. Kale, osobola okubeera ng'ojjudde ensi, ng'oyagala ensi oba ebintu byayo. Katonda akukwatirwe ekisa.

Oyinza okubeera ng'ojjude ebikwate okuva mu kkanisa emu, essaala ezimu ze mutera okusaba, n'olowooza nti ogenda na kusabira omuntu afudde, oba- oba nti bagenda kuteekako n'akasaalaba. Katonda akukwatirwe ekisa.

Kyokka ate Oyinza okubeera ng'ojjudde eddiini, ate ekyo kya bulabe nnyo. Ekyo bwe kiri. Ekyo kituufu. Baibuli egamba nti, "Mu nnaku ez'oluvannyuma baliba ba nnaddiini nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda naye nga beegaana amaanyi gaakwo: era n'abo obakubanga amabega." Bw'obeera ng'ojjudde eddiini, obeera n'ennaku; ddiini yokka, kye kyokka. Bw'obeera ng'ojjudde ebikwate, ne ky'oyogerako ggwe tokimanyi. Ate bw'oba ng'ojjudde ensi, ggwe oli muzibe.

Era ate osobola okubeera ng'ojjudde Omwoyo Omutukuvu. Amiina. Nsuubira ky'oli. Kati bwe kitaba kityo, nsuubira ogenda kujjula. Bw'obeera ng'ojjude Omwoyo Omutukuvu, olina ki? Olina Amaanyi. Olina okwagala. Olina emirembe. "Emirembe gyange Mbalekera; si ng'ensi bw'ewa." Olina emirembe. Wateekebwako envumbo. Olina akabonero. Amiina. Olina ekiwummulo. Olina essanyu eritayogerekeka, nga lijjudde ekitiibwa. Omwo mwosimbye. Oo, abange! Ekyo ky'oli, awamu n'Omwoyo Omutukuvu. Olina… bw'oba ng'ojjudde Omwoyo Omutukuvu "Oba ovudde mu kufa ng'otuuse mu Bulamu," ng'olindirira okuzuukira kwa bonna ku lunaku olw'oluvannyuma. Amiina!

76 Mu nsi egenda okujja okuyita mu Mukama waffe Yesu Kristo, oyo eyamulaba ng'ajjira mu kitiibwa n'obuyinza, "Ennyanja ereete abafu abalimu." N'emibiri egivunda egy'abo abeebakira mu Ye gijja…." Abeebakira mu Ye." Oyingira otya mu Ye? N'Omwoyo omu ffenna tubatizibwa mu Mubiri gumu."

"Emibiri gy'abo abeebakira mu Ye egivunda girifuulibwa ng'omubiri gwe ogw'ekitiibwa, nga Ye Asobolera ddala okuteeka ebintu byonna wansi We."

"Nnawulira eddoboozi okuva mu ggulu," Yokaana agamba nti, "nga liŋŋamba nti 'Wandiika, "Baweereddwa omukisa abafu abafiira mu Mukama waffe…" ogenda kuyingiramu otya? "N'omwoyo omu

ffenna tubatizibwa okuyingira mu mubiri gumu." [ow'Oluganda Branham akuba mu ngalo omulundi gumu-Omuk.] ""'… abafiira mu Mukama okutanula leero, Weewaawo bw'ayogera Omwoyo , balyoke bawummule mu kutegana kwabwe; kubanga ebikolwa byabwe bigenda nabo.""" Hum!

Ekyo Omwoyo kye yatumirwa. Oo, nga kya mukisa, Yesu wange! Nze ndi mu Ye, naye mu nze; Kitaffe mu Ye, Naye mu Kitaffe; ne Kitange mu nze, era nange mu Ye.

Yesu wange!

Nga kya mukisa ekitiibwa ekyasooka eky'obwa Katonda.

Ndimusika wa bulokozi, eyanunulibwa katonda,

Eyazaalibwa n'Omwoyo nga nnaaziddwa mu Musaayi Gwe.

Amiina. Ssaandisobodde ku kigula. Oo, abange!

Amayinja amatwakaavu gonna, alimansi, feeza n'ezzaabu,

Amawanika ge gajjudde, alina obugagga obutayogerekeka.

Kuba ndi mwana wa Kabaka! Ndi mwana wa Kabaka!

Nga Yesu Mulokozi wange,

Kinfuula omwana wa Kabaka!

Amiina era amiina. Sisobola na kukitegeera. Nsigazzaayo Ebyawandiikibwa nga bibiri oba bisatu. Ekyawandiikibwa ekirala Kiikino wano. Bw'oba ng'ojjuziddwa Omwoyo Omutukuvu, ebyo by'ebintu by'obeera nabyo. Olwo eri ensi oba ki? Obeera mugenyi. Mmanyi nti buyisi, naye olwa kino tebunnayita. [ow'Oluganda Branham akuba mu ngalo ze omulundi gumu-Omuk.] Omugenyi! Oo!

Tuli bagenyi ate abatambuze wano,

Tunoonya ekibuga ekigenda okujja,

Eryato ly'obulamu linaatera okutuuka,

Okutwala eby'omuwendo bye eka.

77 Mpulira amazzi agayira ku mugga Ohio emitala eyo bwe nnali nga nkyali kalenzi kato emyaka nga abiri mu ebiri egy'obukulu nga nduyimba. Nnawulira bwe nnatunula waggulu wange, ne mpulira eddoboozi nga ligamba nti, "Tunula waggulu." Ne wajja Ekitangaala ekyo ekinene nga kiri eyo e busukka, nga bwe kikka gyendi nga lyogera nti "Nga Yokaana Omubatiza bwe Yakulembera okujja Kristo okwasooka, ogenda kubeera n'obubaka obugenda okukulembera okujja kwa Kristo okw'okubiri."

Nandisobodde ntya okukikkiriza? Naye kyabaawo mu ngeri eyo y'emu. Era emiriro gy'okudda obuggya mu nsi yonna gyaka. Ng'Ekkanisa ya Katonda ey'ekitalo eyasasulirwa omutango esitulibwa okuva mu ebyo, awamu ne kaweefube omungi ajjudde okuwonyezebwa, obubonero, eby'ewuunyisa, n'ebyamagero nga byoleka okujja.

78 Oli mugwira, ate era omugenyi. N'ebintu by'okola ggwe bipya, nga bya njawulo ku ebyo bye wateranga okukola. Tokyeyisa nga bwe wateranga okweyisa. Abantu…Omwoyo Omutukuvu bw'ajja, ebintu by'ensi nga si kintu gy'oli. N'ebyo ebyandikuzizza ennyuma obibuusa amaaso. Obibuusa amaaso. N'ofuuka ekitonde ekikola eby'enjawulo, okukira obubaata obulabika obubi, eri, obuwungu obwayalulwa wansi w'ekisu ky'enkoko.; ekyo nnakibuulirako; Empungu bw'Etakula Ekisu kyayo. Obeera kitonde ekisesa gye bali.

Naye, abange, ng'oyambuka mu luguudo lwa Kabaka! Amiina. Abange lwe luguudo oludda mu Ggulu. nange ndi mukwambukira mu luguudo lwa Kabaka.

Muli ogamba nti, "Tunuulira oyo Mutukuvu yeevulunga, obubaata obulabika obubi. Ekyo kyeneena kya mubuulizi.

79 Omumesodisiti Omubuulizi omwatiikirivu alina omusajja gw'abadde agamba leero, mu Louisville nti, "Njagala kuyamba ow'Oluganda Billy, naye mumanyi kye nsobola okukolawo? Nga nnina n'okunaanuula ensingo yange." temwetaaga na kunnaanuulirako na nsingo.

Yawaayo obulamu bwe ku lwange. Amiina! ….?.... Ng'ayambuka bwambusi oluguudo lwa Kabaka, kye kyokka. Oo, abange! Ng'ajjuziddwa Omwoyo Omutukuvu! Ng'azaaaliddwa n'Omwoyo We! Ng'anaaziddwa n'Omusaayi Gwe! Aleeruuya! Nga musanyufu!

Kaakati ekintu ekirala, kiki ekikuleetera okukola ekyo? Okyali muntu buntu, olwo kiki ekikuleetera

okukikola? Lwakuba ggwe wajja, ng'oli mwoyo ogwava waggulu. Ye Katonda mu ggwe.

80 Bwe nnagenda e Rooma, nnakizuula nga bo, buli muntu, yalina omwoyo gw'Ekiruumi. Bwe nnagenda e Buyonaani, nga balina omwoyo gw'Ekiyonaani. Ate bwe nnagenda e Bungereza, era bonna baalina omwoyo gw'Ekingereza. Era bw'ogenda mu bifo, weesanga nga… kati olwo n'osanga omwoyo gw'Ekimerika; ate gwo gwa ttabbu.

Bwe nnagenda mu biggya by'abafu ebyali mu San Angelo, nga waaliyo akapande akaali kasoma nti, "Bambi bakazi mmwe Abamerika, mwambale engoye ezissa ekitiibwa mu bafu." Mwoyo gwa Kimerika.

Mubeetegereze nga bava ku nnyonyi, nga bambadde obugoye obukunamyo, nga buli muntu abasimbyeko amaaso; olwo ne walyoka wavaayo Nnalulungi wa Amerika. Ogwo mwoyo gwa Kimerika. era obeera osobola okumanya wa oyo gy'ava; okusinziira ku nnyambala, nga bw'aba mulenzi, atambula bw'asikasikanya embwa ye. Ekyo bwe kiri. Oo, yee, bw'ali bw'atyo… Ye Mumerika, Nnalulungi wa Amerika; wuuyo ng'akkirira, ng'agenda bw'agooma. Lwaki? Alina omwoyo gw'Ekimerika. [ow'Oluganda Branham akoona ku kituuti emirundi mukaaga. -Omuk.] Naye Yesu yagamba bwe yawa obujulizi ku ky'olunaku olwo, nti "mmwe muli ba wano ku nsi. Nze ndi wa mu Ggulu."

Olwo bw'obeera n'Omwoyo wa Kristo mu ggwe, obeera ova wa Ggulu, kaakati olwo wano ggwe obeera mugenyi.

Olina n'obutonde bw'ekifo gye wava. Ekyo kye ngezaako okugamba.

81 Omuluumi bw'ajja wano, atakula omutwe gwe, n'Omugirimaani n'ajja wano ate n'Omumerika n'agenda eri. Lwaki weeyisa otyo? Kubanga olina omwoyo gw'eggwanga gye wava.

Ekyo kye kitufuula abantu ab'enjawulo Okwawukana ku nsi. Muli ba wa Ggulu. Eyo gye mwazaalibwa. Muli batuuze ba bwa Kabaka bulala. Okikkiriza ekyo? [Ekibiina kiddamu "Amiina."-Omuk.] Ekyo Omwoyo Omutukuvu ky'ali, kwe kukufuula omutuuze w'obwa Kabaka bwa Katonda.

Olwo bw'obeera omutuuze w'obwa Kabaka bwa Katonda, kikuleetera kweyisa otya? Kweyisa nga Katonda mu bwa Kabaka Bwe. Kale, Katonda kiki ky'Akola mu bwa Kabaka Bwe? Butukuvu, butuukirivu, birowoozo ebirongoofu, endowooza ennongoofu; Amaanyi n'okwagala, okugenda eri abaabula, okuwonya abalwadde, okukola eby'amagero, okukola ebintu eby'ekitalo. Era eri ensi Olabika nga omulalu, n'okwogera ne bagamba nti, "Abantu abo batabufu ba mitwe." Mulaba? Naye nga ggwe oli mutuuze wa bwa Kabaka.

82 Ekyawandiikibwa ekirala kimu, bw'oba oyagala okukiwandiika. Yokaana 12:24. ka nkibanokolere mangu ddala. Yesu yagamba nti,

…E*mpeke y'eŋŋaano bw'etegwa mu ttaka* n'efa, ebeerera awo yokka.

Kaakati tunula, kyensembyayo okwogera kati. Era jjukira, olwo, kya ddala... Kaakati, eri mmwe abantu, kyamusaso nnyo nga kikulu... kati eri bantu mmwe, kino kyetagisiza ddala, nga kyakusindikirizibwa era kyabuwaze, nti ggwe okufuna Omwoyo Omutukuvu kati. Kuba, bw'otamufuna, tojja kubeera mu kuzuukira. Kati weetegereze. Katonda tasobola kumenya mateeka Ge. Ekyo ffenna tukimanyi. Bulijjo agagoberera.

Kati empeke y'eŋŋaano, oba empeke yonna, gye tugenda okukozesa nga Yesu bwe yayogera awo. Era ffenna tukimanyi mu Baibuli, empeke, nkisomyeko ne leero kitegeeza omutunsi oba ensigo yonna, naye eŋŋaano, enkomamawanga, kasooli, oba ekirala kyonna, eba mpeke. Naye empeke y'eŋŋaano bw'egwa mu ttaka, kaakati, awo wewali… Fenna wano tukirabyeko era tumanyi nga kibeerawo. Empeke y'eŋŋaano, oba empeke yakasooli, esobola n'okulabika obulungi nga bw'esobola, era n'ogiteeka ne mu ttaka, era singa empeke eyo…

Bw'ebeera ng'erina obulamu obutakoma. Ejja kugenda wansi leero, yeezaalemu omutunsi, eddayo wansi, ate n'evumbavumba okujja wa ggulu; ate era eddayo wansi. Obulamu bw'ayo buli awo butyobutyo. Era ensigo bw'eneeba nga terina mutunsi gwa bulamu, si nsonga oba ennyirira etya, tejja kuvaayo. Bw'enegenda mu ttaka ejja kuvunda buvunzi. Ekitundu ky'ayo kigenda kukozesebwa ku bigimusa olw'ebintu ebiri mu ttaka omwo. Naye ku bikwata kukubeera ennamu nate, teribeera nnamu okutuusa ng'erina obulamu obutakoma mu yo. Na buli muntu ekyo akimanyi.

83 Wasobola okubeerawo abantu babiri, ng'omu wannammaddala, ate nga bombi bafaanagana. Omu asobola okubeera omuntu omulungi, ng'akola emirimu emirungi, ng'akola n'ebintu ebirala; okuggyako ng'omuntu oyo, mu ye alinamu Obulamu Obutaggwaawo, talijja mu kuzuukira. Tasobola kukola; tewaaliwo kyakuzuukiza. Tewaaliwo na kyakumuzuukiza, kuba temuli bulamu. N'olwekyo muganda wange naawe mwannyinaze olaba, okutuusa ng'omuntu azaaliddwa omulundi ogw'okubiri, talinaayo ngeri yonna ndala yakujjamu eri obwa Kabaka buno. Tasobola. "Empeke y'eŋŋaano bw'etegwa mu ttaka n'efa." Yali yeeyogerako. Naye Ye teyalina mutunsi gwa bulamu obutakoma, Ye yalina Obulamu Obutaggwaawo; ate

nga bwe bulamu bwe Yakuwa ggwe, naawe osobole okubeera n'Obulamu bwe bumu ddala.

Kati bw'obeera ng'olina bubeezi obulamu bw'obuntu, obukumala okwetooloola nga bw'oyakirira eri abakazi, "Naye oyo awoomerwa ebinyumu nga mufu newankubadde ng'akyali mulamu," tosobola kuzuukira. Oyinza okubeera nga ggwe muwala omututumufu mu ssomero. Oyinza okubeera nga ggwe mututumufu eyo mu bantu gy'obeera. Oyinza okubeera nga ggwe mwambazi omukazi asingayo mu ggwanga. Oyinza okubeera nga ggwe mubalagavu asingayo. Oyinza okubeera nga ggwe wasingayo okuwundibwa. Oyinza okubeera ng'oli na kifaananyi eri balo. Osobola okubeera ebintu bino byonna, kyonna ky'oli, kirungi nnyo. Naye, mwannyinaze, okutuusa ng'olina Omwoyo Omutukuvu mu ggwe, nga Ye bwe bulamu Obutaggwaawo, we tutuusiza olugendo luno ku nkomerero, ebibyo nga biwedde.

Era nze Ssifaayo ku ndabikayo, oba bino biri bitya, toli oba oli watutumu, oli mubalagavu otya, oba kibijjigiri otya; bw'otoba na Bulamu Butaggwaawo, eyo gy'ogenda okubeera obulamu bwo bwonna.

84 Omwezi n'emunnyeenye biriba nga bigenze, ng'ensi amaziga gaayo nga galinga nsozi na malungu, na buli kintu ky'ebadde erina nga ki-ki, tewakyali, nga n'ensi etagala butagazi ng'omutamiivu akomawo eka ng'obudde kiro, ng'emunnyeenye zigaanye n'okumulisa nga bwe zigwa n'okuva mu ggulu, omwezi nga gufuuse musaayi; enjuba ng'etondowadde n'okukweka ng'eekwese obwenyi bw'ayo, bwe biriraba Omwana w'omuntu ng'Ajja. Oliba oteekwa kumulisa butuukirivu bwa Yesu Kristo, okusobola okufubutuka mu ntaano, ng'akawala akato akabalagavu, okutwala omwami wo, mubeere abalamu emirembe, n'emirembe, n'emirembe, n'Obulamu bwonna Obutaggwaawo mulibeera eyo. Eyo y'ensonga ebeezaawo Omwoyo Omutukuvu.

85 Bw'owulira okukomebwako okusembayo okubeera okutono bambi togaana.

Omwoyo Omutukuvu kye ki? Katonda mu ggwe. Okukola ki? Okwongerayo emirimu Gye mu bantu Be; okuleeta ekkanisa Ye awamu, okutuusa ekkanisa Ye mu kifo ekimu mu lunaku luno, ekissukka ku Ba Luther, Abamesodisiti, n'Abapentekoote, etuuke kukutongozebwa ne mu kisa eky'Okukkwakkulibwa. Olwo, ng'ekitundu ky'ekkanisa eno, Omwoyo Omutukuvu bw'akitambuliramu; kijja kuzuukira buzuukizi; era kireete abanunule bonna abakoma ku Mwoyo.

Wabula Aba Luther abo abayimirira n'ekitangaala kyonna kye baalina, mu kuggibwako omusango; Abamesodisiti abo abaagwa ne ku ttaka, ne beeyiira n'amazzi mu maaso gaabwe, nga kivudde ku Mwoyo Mutukuvu abaguddeko okuyita mu kutukuzibwa; Abapentekoote abo, abaatambulatambula ku nguudo nga bwe baambuka-bakkirira era nga babayita bannannimi era abajoboja, ba wambaata b'ennimi," na buli kimu ku ebyo; bajja kuyimirira mu butuukirivu, mu maaso ga Katonda ku lunaku olwo, mubuliwo nga Baibuli eno bw'ogiraba wano. Bwe muba munzikiriza okubeera omuweereza…Mu mpita Nnabbi We; nze ekyo ssikyeyita. Naye Muwulirize, mbibagamba mu Linnya Lya Mukama. Abo abali mu Kristo Katonda Alibaleeta bw'atyo ku bwa Yesu wamu Naye bw'Aliba ng'Ajja, mu kuzuukira, ate abo bokka abali mu Kristo.

86 Abantu, tuutuka tutya mu Kristo?

N'ekikwate ekimu tugattibwamu? Nedda. N'okwesikaana mu mukono tuwalulwa okuyingiramu? Nedda. Olwa mazzi agamu tubatizibwa ffenna okuyingira? Nedda.

Naye, me Bakkolinso Ekisooka 12:13. "Mu mwoyo omu, Omwoyo Omutukuvu, Omwoyo wa Katonda, fenna wamu…..." Abamesodisiti, Ababaputisiti, Aba Luther, Abapulesibeteriyani, "Mutambulirire mu Kitangaala, nga Ye bw'ali Ekitangaala, olwo tubeera n'okussa ekimu fekka na fekka era n'Omusaayi gwa Yesu Kristo, Omwana wa Katonda gutunaaza mu butali butuukirivu bwaffe bwonna." "Mu Mwoyo omu fenna twabatizibwa okuyingira mu Mubiri ogumu, nga tugabanira wamu ekisa Kye."

87 Tosobola kugenda mu Musango "Awulira Ebigambo byange, n'akkiriza." Teri asobola kukkiriza okutuusa ng'alina Omwoyo Omutukuvu. "N'akkiriza oyo eyantuma," ng'Omwoyo Omutukuvu amaze okukujulira okuzuukira kwe. "Alina obulamu Obutaggwaawo era talijja na mu musango, naye ng'avudde mu kufa okutuuka mu bulamu." Ekiki? Tolituuka na mu Musango. Togenda na kuyimirira awali Entebe ennene enjeru ey'Omusango.

Ggwe omusango gwo ogusanga wano. Omusango gwo oguyise ng'era ddala oguyise n'okugamba ng'osobola okugamba nti, "Siri mulungi, n'okuyigirizibwa kwange sikulungi. Mukama Jjangu mu nze, ontwale, onfuge, Mukama. Ssifaayo ensi eno enzoole ky'egamba. Nkulembera, Mukama n'Omwoyo Wo." Ng'omaze okwesalira omusango. Ggwe weesalire omusango ng'omusirusiru wa Kristo, kati olwo, mu butuukirivu Bwe, tujja kuyimirira ku lunaku olwo nga tuli abatafa abali mu Kikula Kye.

88 Engeri eri emu yokka. Otya? "Mu Mwoyo omu fenna twabatizibwa okuyingira mu Mubiri ogumu." Olwo bw'obeera mu Mubiri ogwo, omubiri gubeera gumaze okusalirwa omusango gwo, era ng'omaze n'okumukkiriza ng'omutango gw'ebibi byo. Oyinza nokuŋŋamba nti "ow'Oluganda Branham ekyo nga nnakikola."

Olwo Omwoyo Omutukuvu bw'abeera nga Yakomawo n'Akuwa envumbo ng'akabonero, Omwoyo oyo Akuleeta mu Mubiri gwa Kristo. Nga ne bw'okyuka okudda eri, osigala oli kitonde kiggya mu Kristo. "Ng'olwo ovudde mu kufa okutuuka mu bulamu. Ebikadde byonna nga bigenze, ng'oli muggya mu Kristo!" Amiina!

Oo, mbeegayiridde, leka nkusendesende, muganda wange Omukristaayo oba mwannyinaze. Tokkiriza okudda obuggya kuno okukuyitako. Oteekwa okufuna Omwoyo Omutukuvu. Nga kye ki? Omwoyo wa Katonda. Nga Yaweebwa ku lwaki? Okukukulembera, okukuluŋŋamya, okukujjuza, okukutukuza, okukuyitayo, akuyingize mu kkanisa.

Ekkanisa kye ki? Ekigambo kkanisa kitegeeza ki? "Ayitiddwaayo, abeeyawudde." Oo, nga nsobola ekyo okukiggyamu eky'okuyigako kiramba kaakano. "Ayitiddwaayo, nga beeyawudde." Bagwira eri ensi, bagenyi ate nga batambuze, nga baatula nti wano ku nsi tebalinaawo kibuga kye tusobola kwegomba kubeeramu. Oo, abange!

89 Nga Ibulayimu, ne Isaaka ne Yakobo bwe baatambulanga, nga beesulira mu weema, mu nsi eyo. Nga baatula nti bagenyi ate era abatambuze, ezzadde ly'obusika, abasika ab'emabega eyo; aba kitaabwe, omusika. Ffe zzadde lyabwe. "Era baalinga baanoonya ekibuga ng'omuzimbi era omukozi waakyo ye Katonda." Amiina. Baalinga bakinoonya.

N'olwa leero, ezzadde lyabwe likyanoonya ekibuga ekigenda okujja, nga bagamba nti, "Ssetaaga kutwalibwa nsi eno. Sirina kakwate konna ke njagala ku nsi eno. Kye njagala, Nnoonya ekibuga ekyazimbibwa nga kya nsonda nnya ez'enkanankana. Nnoonya ekibuga ekirimu Obulamu Obutaggwaawo, enjuba gye terizikira, awatalibeera bukadde, awatalibeera okwonooneka kw'omunyolo gw'oluggi, oba amalaalo ku luuyi lw'akasozi. Nnoonya kibuga ekyo, ng'omukozi era omuzimbi waakyo ye Katonda."

90 Waliwo engeri emu yokka okukizuula. "Waaliwo Ejjinja eryatemwa ku lusozi, awatali mikono, eryeyiringula okutuuka mu nsi ligibetenta, n'efuuka ng'eŋŋaano… oba ebisusunku ku ttaka awo eŋŋaano we bagirongooseza ." Leka Ejjinja eryo, Kristo Yesu; Ejjinja eryesittalwako eri ensi, Ejjinja ery'okwesittala, Ejjinja erisekererwa, eryesittaza eri ekkanisa; naye nga lya muwendo era Ejjinja ekkulu eri omukkiriza, ate nga Jjinja ery'obukakafu, nga lya Kiwummulo. Oo, abange!

Okuwummula! Nga mmanyi nti nvudde mu kufa okutuuka mu Bulamu. Emmeeme yange eri mu kuwummula. Oo! "Mujje gye ndi mmwe mwenna abakooye era abazitoowereddwa, Nnaabawa ekiwummulo ky'emmeeme yammwe. "Akabonero ak'okwogerwako obubi," bwe yayogera nnabbi eri Malyamu. Kajja kubeera kabonero, mazima, kajja kubeera. Era kajja kubeera bukakafu. Kajja kubeera kwagala. Kajja kubeera kumatizibwa. Kajja kubeera ekintu ekimanyiddwa nti ovudde mu kufa okutuuka mu Bulamu.

91 Muganda wange, mwannyinaze; nga muganda wammwe, ate era omuweereza wammwe mu Kristo, ka mbasendesende, n'omutima gwange gwonna. Kino tokiganya okukuyita kuutwe, oba ku lusegere, oba wansi. Kisembeze mu mutima gwo, era ojja kubeera omuntu omusanyufu ku nsi.

Sikusuubiza nti ogenda kufuna bukadde bwa ddoola. Nedda, ssebo. Ow'oluganda Leo, ndowooza ebyo bisuubiziddwa nnyo ennaku zino, "obukadde bwa ddoola," n'ebintu ebirala eby'enjawulo ebyogeddwa. Singa obeera Mukristaayo, wandisobodde okufuna obukadde bwa ddoola era waandibadde mugagga." Ku ebyo sirina kye nkusuubizaako.

Kino kye nkusuubiza, era ekintu kyokka kye nsobola okukusuubiza, bulokozi Bwe. Ekisa Kye kimala, eri buli kigezo.

92 Abantu ku Pentekoote, ne bye baalinanga tebaabyagalanga. Kati ng'oyogera ku bagagga ffugge? Tebaayagala n'ebyo bye baalina, mwannyinaze Angie.

Nnandiyagadde nkuwulire ggwe ne Gertie nga muyimba, olumu ku nnaku zino (wa gy'ali?). wiiki y'okujja eka, olumu ku nnaku zino. Okuva ku olwo, bangi abasomose emitala. Oo, abange!

Bo tebaasaba bintu binene. Tebaasaba ssente. Kubanga, Peetero agamba nti, "Feeza n'ezzaabu sibirina, naye kye nnina kye nkuwa."

Kati, ekyo nkyogera ekiro kya leero, mikwano. Essannyu, okwagala, obukakafu, bye nnina eri Kristo n'okuzuukira Kwe, nange bye nnina, mbibawa mmwe; mbibawa ng'abaana ba Katonda. Era jjangu osigale awo ku musaalaba, Katonda bw'aba nga Yakuyita era Togeza n'ositukawo. Bwe munajja enkya ekiro, Jjangu ng'omaliridde okusigala awo okutuusa nga buli kintu kiwedde; oba Jjangu nga tugenda kukussaako emikono tukusabire. Mugende… okwo kwe kuluŋŋamizibwa kwa Baibuli, mubateekeko emikono olw'okuweebwa Omwoyo Omutukuvu. Era naffe tugenda, mmwe mugende mu maka gammwe… Bwe munaabeera eyo, ne mumala ekiro kyonna, ne muteekako n'olunaku oluddako, ne mwongerako oluddako, okumalako ennaku ez'eggandaalo. okutuusiza ddala ku lusooka omwaka, mubeere ku ekyo, okutuusa.

Ekyo, buli kye tunaabalagirira enkya ekiro, nga tubalaga ekirina okubaawo era kijja kujja. Olwo bwe

kinajja, wajja kuba tewakyaliwo, ba Setaani bamala okunyigiriza… kuba oba omanyi nti ovudde mu kufa okutuuka mu Bulamu. Oba ofuuse kitonde kiggya mu Kristo Yesu. Ebide by'essanyu eby'omu Ggulu birivuga.

93 Ow'oluganda Othal, nkubuulira ggwe, kikuteeka ku muliro. Wano waliwo omulenzi gwe twasomanga naye ng'atudde, ng'ate mukulu wange, eyali kkondo nga buli kaseera atambula ne mmundu ku bbega, ng'aliko abantu b'anoonya okumpi awo okubayiwa obwongo bwabwe. Kale, kiki ekyabaawo. Olunaku lumu yatunula era n'akkiriza obulamu. N'alyoka alutambula olugendo. Nga bw'agoberera enkuŋŋaana zange. Ssempappe waabwe, nga n'ebyokulya talina bimumala, ng'agalamira eyo mu ttale ku mabbali ga weema, nga muyala ate era nga muyonta. Kati lumu Omwoyo Omutukuvu n'Ajja. Oo, muganda wange, kyakukyusa, si bwe kiri? Kyaleeta n'Obulamu, ne kiggyawo okufa. Obukyayi bwatyekula emisinde, okwagala ne kuyingirawo. Oo, abange! Obulabe n'okulwana byamwabulira; obulamu obuggya ne buyingirawo.

Tunuulira abantu abalala mu biseera ebibaddengawo ebirala, mu biseera ebirala, n'ebweru eyo wonna. Oo, ng'ebide eby'essanyu eby'eggulu bivuga! Mikwano sirina na ngeri ya kukyolekamu.

94 Muwulirize, kino nti nsobola okukivaako, bwe muba nga mukkiriza obujulizi bwange ng'omuweereza wa Kristo nga ngezaako n'okubalaga nga bwe gali amazima mu Baibuli. Bwe kiba ng'ebigambo byange birabika ng'ebiyinza okubeera ebipya ku kino, amaaso gammwe mugateeke ku kifaananyi kya Ssaayansi mu nsi. Tunuulira ebibala, nti Empagi y'Omuliro eno eyakulemberanga abaana ba Isiraeri, olabe ebibala by'ebala. Laba kiki kye kikola, kiki kye kyogera.

Ssinze ayogera; Ye y'Ayogera okuyita mu ggwe, mulaba. Ssinze alaba okwolesebwa; wabula Ye y'Ayogerera mu ggwe. Ssinze awonya abalwadde; wabula Ye ali mu ggwe y'Awonya, n'Awonya abalwadde. Ssinze abuulira; ndi mutiitiizi nnyo, era nga nva eri ebirowoozo ebyo bye nnyini, wabula Ye y'Anjogereramu. Ssimanyi na Kigambo; naye Ye Akimanyi. Ekyo bwe kiri. Ekyo kituufu. Ekyo kye kiri.

Era wuuyo awo. Ne Malayika yennyini owa Katonda waali wano mu kizimbe kino leero. [ow'Oluganda Branham akuba ku kituuti-Omuk.] Oo, nga mmwagala Ye.

95 Kaakati, bameka abaagala okufuna Omwoyo Omutukuvu? Twekebere obulamu bwaffe fekka bameka abatannaba kufumufuna ng'ate bakyagala? Wanika emikono ogambe nti "Ow'Oluganda Branham okuva ku ntobo y'omutima gwange, njagala kufuna Mwoyo Mutukuvu." Mukama abawe omukisa mwenna wonna.

Bameka baamala edda okumufuna, naye nga baagala okubeera nga bwe baali mu Bikolwabyabatume 4 era ogambe nti, "Ai Mukama, Ai Mukama, golola omukono gwo owonye, nga bw'oyoleka obubonero n'ebyewuunyisa mu Linnya ery'omulenzi Wo Yesu, ompe n'obuvumu bwonna n'okwagala okwogera awamu n'okujjuzibwa okuggya?" Yee, wano we wali ekyange nakyo. Katonda kimpe.

Leka tukoteke ku mitwe gyaffe, n'obwesimbu obuviira ddala munda, nga buli muntu olina okuyaayana okuviira ddala mu mutima gwo.

96 Mukama Yesu, nga tufundikira olukuŋŋaana kuno ekiro kya leero, nga tumaze okussa ekimu ku Kigambo awamu n'Omwoyo Omutukuvu. N'engeri gy'Atuwaddemu omukisa nga bw'Afuka amafuta g'Ekigambo Kye mu mitima gyaffe! Waliwo abaweereza, wabaddewo n'abantu okuva mu ngeri yonna ey'obulamu, abalozezza ne balaba nga Mukama mulungi. Kati tumanyidde ddala kiki Omwoyo ky'Ali kati, nga kye kisuubizo kya Katonda bwe Butaggwaawo eri bonna abakkiriza.

Era tumanyi ng'Omwoyo Omutukuvu ye Mwoyo eyali powa Kristo Yesu gwe Yatuma okukomawo, era ng'Ali mu ffe leero. Nga katonda bwe yali waggulu waffe, mu Mpagi eyo ey'Omuliro; n'Alyoka Atambulanga naffe, mu…mubiri ogwayitibwa*Emanweri,* "Katonda ali naffe"; kati leero Ali mu ffe mu Mwoyo Omutukuvu, Katonda mu ffe. Oo!

Yesu yagamba nti, "Ku lunaku luli mulimanya nga ndi mu Kitange, nammwe mu nze, Nange mu mmwe. Mulikitegeera ku olwo. Kubanga, muli nsi ey'ekizikiza, nga bwe nnyinza okwogera, kati, naye ku lunaku luli Mulikitegeera."

97 Kitange, kiyinza okubeera nga kitegeerekeka bulungi, kubanga awo tetwandibaddewo na kye tuyinza kwesigamyako kukkiriza. Ate nga n'emirimu gya Katonda gyonna gifugibwa na kukkiriza. Ate nga n'okukkiriza nga kuli mu Kigambo Kyo, mu bujulizi bw'Omwoyo Omutukuvu oyo kati gwe tumanyi ky'Ali, Weewaawo nsaba buli mmeeme erumwa enjala munda wano ejjuzibwe Omwoyo Omutukuvu. Abo abatamulina, nga balumwa enjala, bajjukire bujukizi … Twandibadde tubagamba, Mukama, ekyo nga Gwe kye wayogera nti, "Mulina omukisa mmwe bwe mulumwa enjala n'ennyonta. Munakkusibwa." Ekyo kisuubizo. Ate era kya mukisa okulumwa enjala. Kale mulina n'omukisa okumanya nga Katonda ayogedde nammwe, kubanga ky'agamba nti, "Teri ayinza kujja gye ndi Kitange bw'Atamuwalula."

Era, Mukama, abo bannamukadde abazirwanako wano bawanise emikono gyabwe. N'ogwange nguwanise. Ai Mukama tuwe amaanyi, tuwe Amaanyi okusobola okugolola omukono gw'Omulenzi Wo Yesu

omutukuvu, obubonero n'ebyewuunyisa bisobole okukolebwa, era bubeere obuweereza obw'obuziba, ekintu eky'ekitalo ekitabangawo. Tuwe obuvumu n'okwagala, okwogeranga eri abantu. Kituwe, Mukama. Obeere naffe mu buli kimu, tukisaba mu Linnya Lya Yesu.

98 Era enkya ekiro, Mukama, leka wabeewo okuwuuma okw'amaanyi, kugwe mu kizimbe kino, lube ng'olunaku lwa Pentekoote olulala. Omusingi gumaze okuteekebwawo. Na buli kimu kyetegese. Ente ennume zittiddwa, ez'amasavu zittiddwa, endiga ennume nazo zittiddwa; emmeeza eteekeddwateekeddwa, n'abagenyi bayittiddwa. Ai Mukama, sindika Jubireewo wa Pentekoote, enkya ekiro, mu kizimbe kino, era ojjuze buli mmeeme n'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Kikkirize, Kitaffe. Tukisabye mu Linnya Lya Yesu, Amiina.

…tuliyiga ebintu bingi,

Tuliba n'ennanga eya zzaabu, oba oli awo nga ya nkoba lukumi;

Tuliyimba, tulirekaana, nga tuzinamu, omwana gw'endiga Alitusangula amaziga;

Tuliba n'amaka ga mulundi gumu-… wiiki y'amaka amassuffu ejja, emyaka omutwalo mulamba ogusooka. Amiina!

Omusaayi gw'Omwana wa Katonda ogw'omuwendo omungi ogutunaazizza ne gututukuza

Abantu ab'omuwendo olw'Erinnya Lye nga bayitibwa Omugole.

Wadde nga wano balekeddwa nga era banyoomebwa, lumu Katonda Alireeta

Abo abalonde nga bali mu miryango ate nga basaanide eri buli kintu.

Ng'olwo tuli munda w'emiryango,era ekyo kisinga buli kimu.

MESSAGE online hub
www.messagehub.info

Byabuulirwa
William Marrion Branham
"...mu nnaku z'eddoboozi..." Kub. 10:7